

Date Printed: 06/16/2009

JTS Box Number: IFES_79

Tab Number: 25

Document Title: Akatabo K'emisomo gy'abalonzi mukalulu
k'ekikungo ak'omwaka gwe 2000

Document Date: 2000

Document Country: Uganda

Document Language: Luganda

IFES ID: CE01943



Luganda



**AKATABO K'EMISOMO GY'ABALONZI
MUKALULU K'EKIKUNGO
AK'OMWAKA GWE 2000
ABANTU OKWERONDERA
ENFUGA GYEBAAGALA**



AUGUST, 1999

EBIRIMU**OMUKO****OBUBAKA BWA SSENTEBE****(i)****ENNYANJULA****(ii)****OKWEBAZA****(iii)****ESSUULA ESSOKA****EBIFA KUKUSOMESA ABANTU 1****ESSUULA EY'OKUBIRI****ENTEKATEEKA NENKOLA YOMUSOMO 4****ESSUULA EYOKUSATU****OBULULU BW'EKIKUNGO OKUTWALIRA AWAMU..... 6****ESSUULA EY'OKUNA****SSEMATTEEKA N'AKALULU K'EKIKUNGO 8****ESSUULA EY'OKUTAANO****EBIKULU MU KALULU K'EKIKUNGO****N'ETTEKA NO. 2 ERYA 1999 16****AKAKWASO AKASOOKA****EBIGOBERERWA MUKUSOMESA ABANTU AKALULU****K'EKIKUNGO MU MWAKA 2000 24****AKAKWASO AKOKUBIRI 26****AKAKWASO AKOKUSATU 28****ETTEKA, LY'AKALULU K'EKIKUNGO, 1999 30****OKUKYUSA EKIKA KY'ENFUGA NG'OYITA MUKALULU K'EKIKUNGO, 35**

OBUBAKA BWA SSENTEBE

Borna abokusomesa abantu ebyokulonda bateekwa okuba nga kalonda yenna afa kubyokulonda bamukuba budinda, kino kisobozese abalonzi okugendera awamu nabo, kubanga enkola y'ebufuzi ey'obwenkanya tejjja kunnyikira mu bantu okugyako nga nabo babinnyonyose bulungi. Enkola y'ebufuzi abantu mwebalekerwa eddembe lyabwe okwenyigira n'okwesalirawo nga bwebaagala, eyinza okulemagana singa abantu baba tebasomeseddwa kimala okutegeera kyebalina okukola.

Mubimu kubigendererwa mu nsomesa eno :-

- Abantu basobole okussa omulaka ku nkola ya Gavumenti n'enfuga mwebanatambulira.
- Okubangula abantu bategeere obuvunanyizibwa bwebetisse baleme kwesuulirayo gwa nnaggamba, ku songa zegwanga lyabwe, kubanga nabo bavunanyizibwa kyenkanyi ku nsonga ezikwata ku byobufuzi bwe ggwanga mwebali.
- Okusomesa abantu mu nteekateeka eno kiyamba okulunganya abantu mwebyo byebatekakasa oba mwebaawubisibwa.
- Abantu gyebanakoma okusomesebwa n'okulungamizibwa kunsonga zino nabo gyebanaakoma okuzenyigiramu, okukolera awamu nokwesigangana. Olwo enkola y'ebufuzi eby'obwenkanya, ejja kubeera nyangu gyebali.

Akakiiko kebyokulonda n'ebibiina by'obwamakyeeewa byebyakwasibwa eddimu ery'okusomesa abantu kalonda yenna afa ku byokulonda, kubanga bbo bagoberera bulungi ebigendererwa, tebaliimu kyekubiira, balina obumanyirivu n'obukugu obubasobozesa okuwandiika akatabo kano, nga bamulungula bulungi ensonga awamu n'ebirowooze, ebinaawa abantu ekinyegegye, bafumintirize, era besalirewo ekika ky'ebufuzi kyebaagaliza eggwanga likulemberwemu.

Akakiiko k'ebokulonda kalina obuvunanyizibwa okulaba nti ensonga enkulu mu kinyusi ky'akalulu k'ekikungo abantu bazitegerera ddala, obutasigalamu kakunkuna, basobole okukuba akalulu kano nga bamanyi ekigendererwa.



AZIZ K. KASUJJA

CHAIRMAN - ELECTORAL COMMISSION

Ng'Eggwanga liri mu kwetegekera okukuba akalulu k'ekikungo ak'omwaka 2000, besalirewo ku kika ky'obufuzi kyebaagaliza eggwanga, akakiiko k'ebiyokulonda, nebibina by'obwannakyeewa ebyakwasibwa eddimu okusomesa abantu, bafulumizaawo akatabo kano kasooke kabangule abo abokusomesa abantu ebikwata ku kahulu kano.

Akatabo kano kategekeddwa mu ngeri esobola okugasa abantu bonna; Bannaddiini, Abebuzibwako ensonga mu bitundu, abakulembeze, ebitongle, awamu ne mu maka. Ate era kagonzezza nnyo omulimu gw'abennyidde mu kusomesa abantu. Kamulungudde ebibuuzo bingi abalonzi byebebuza ku kalulu k'ekikungo.

Kitugwanidde ffe nga bannanyini ggwanga lino okwesowolayo okusaawo ekika ky'ebiyobufuzi kyetwesi imidde. Ssemateeka yeyatukwasa obuvunanyizibwa buno. Akatabo kano wonokamalirako ngofunye endowooza kwonosinziira okwesalirawo obufuzi bwoyagaliza eggwanga lino, kubanga Ssemateeka enkola eno yagirambika bulungi abantu mwebayita okweterawo ekika ky'ebiyobufuzi kyebetaaga.

Akatabo kano, wamu n'obulala obunafulumizibwa bwandyaniriziddwa nnyo mu maka. Anti ekyo kifo kikulu mu kusomesa era ne mu nkolagana ey'awamu, okumanyisibwa ku by'akalulu k'ekikungo mwebyandisokedde..

Ekintongole ekivunanyizibwa kukutendeka nokusomesa abantu ekiri mu kakiiko kebyokulonda, nebibina byo bwannakyeewa ebyakwasibwa obuvunanyizibwa okusomesa abantu kubyakahulu kekikungo, bikolaganidde wamu okufulumya akatabo kano.

Akakiiko keby' okulonda kasiimye omulimu omunene ogw' akakiiko akalondebwa mu bibina ebiragiddwa mu lukalala wansi akakola ebbago lino nga kakubilizibwa mwaami Kintu-Nyago .Era kebaza n'ekibiina Friedrich Ebert Foundation ekyawaayo obuyambi obwasobozesa emirimu gy' akakiiko akateesiteesi okutambula.

- Federation of Women Lawyers (FIDA)
- Uganda Project Implementation and Management Centre (UPIMAC)
- CASE International
- National Association of Women Organisation (NAWOU)
- Retrenched Manpower Services (REMASE)
- Uganda Journalists Safety Committee (UJSC)
- Uganda Joint Christian Council (UJCC)
- National Organisation of Civic Education and Election Monitoring (NOCEM)
- United Religious Initiative (URI)
- Action for Development (ACFODE)
- Wilsken Agencies
-

Ebimu kwebyo ebiwandikiddwa mukatabo kano byajjibwa:-

- The Constitution of the Republic of Uganda 1995
- The Referendum and other provisions Act 1999
- The Constitutional Commission Report 1993.

EBIFA KU KUSOMESA ABANTU

1.1. OKUSOMESA ABANTU KYEKI?

Kwekubangula abantu bamanye eddembe lyabwe ko n'obuvunanyizibwa bwabwe byebetaaga olwokusitula omutindo gw'embeera zaabwe awamu n' enfuna yaabwe. Okusomesebwa kuno kuli mu mitendera egiwerako okuviira ddala wansi mu maka okubuna eggwana lyonna okutwalira awamu. Ssemateeka wa Uganda atuteerawo enkola ennungamu esobozesa abantu bonna okwenyigira mu nsonga z'ebyobufuzi nga tewali abakuba ku mukono. Wabula ng'okusomesebwa, naddala ebikwata ku by'okulonda kibongera obukenkufu awamu n'okubawa omukisa okwenyigira mu by'obufuzi mu ngeri entufu era ey'obuvunanyizibwa.



AKALULU K'EKIKUNGO KU KIKA KY'ENFUGA
Okukuba akalulu k'ekikungo ku kika ky'enfuga abantu kyebaagala tekyanditwawuddeyawudde

Uganda nsi yaffe, era nga bannansi mwetuggya okubeera emirembe gyonna wadde buli omu, akalulu wakukakuba ye ngabwayagala
OKULONDA TEKWANDITWAWUDDEYAWUDDE

1.2. OBUFUZI OBW'OBWENKANYA N'ENFUGA ENNUNGI

Obufuzi obw'obwenkanya bwogeddwako abantu abenjawulo mu makulu amaawufu nga:

- (a) Obukulembeze bw'abantu
- (b) Gavumenti – kyokka ng'obuyinza buli mu mikono gyabantu.
- (c) Gavumenti yabantu, erondebwa abantu era nga yebuuza ku bantu nebesalirawo.

Enzivunula eyo yonna ntuufu kubanga yonna eyogera ku bantu ng'esibuko y'obuyinza,

bwebakwasa ababaka baabwe babukozese ku lwabantu.

Enkola eyo y'evaamu obukulembeze obulungi, anti kiba kitegeeza nti ensonga zabantu zikolebwako mu bwenkanya era mu bwesimbu, so ssi mu mankwetu.

Empagi ezesigamizibwako obukulembeze obulungi:-

- Enkolagana ey'obwenkanya eyunga abantu awamu ng'olujegere – nga muno mwotwalidde ebibiina by'obwannakyewa ne bannekolera gyange.
- Okulonda n'okukyusanga abakulembeze mu ddembe ne mu bwenkanya ng'abantu be baberondera.
- Okukola ku nsonga z'abantu mu bwesimbu.
- Abakulembeze mu kiti kyabwe okubeera ekyokulabirako era abeesimbu eri bebakulembera.
- Okubeerawo kwekitongole Ekiramuzi ekiyimiridde obutengerera nga kikola emirimu gyako okunyweza enkola egoberera amateeka.
- Obukulembeze obussa ekitiibwa mu kikula ky'abantu nga tewali aboolebwa kaabe mukazi oba musajja.

- Obukulembeze obuwuliriza ebyetaago by'abatono, eby'abali mu bwetaavu, abataliko mwasirizi awamu n'ebuyobuwangwa. Okuwuliriza, n'okukubaganya ebirowozo ku ndowooza z'ebuyobufuzi endala ezeddini, ez'ebuyobuwangwa, n'ezokusitula embera z'abantu.

1.3. AMAKA

Amaka gwe mutendera ogusookerwako ate nga mukulu nnyo okutendekerwamu emiti emito – bategeere ensonga ze ggwanga lyabwe. Abazadde, naddala ba maama, mu maka bebasomesa abasookerwako; babasomesa empisa, ebyobuwangwa, nembera zabantu.

Ku mulamwa gw'emisomo gyetuliko, gitandikira waka, ng'abantu bagoberera amateeka mwebatambulira wadde nga simawandiike naye bagagoberera butiribiri. Era kino abaana abato kibayamba nnyo mu bulamu bwabwe obwomumaaso okusinziira ku ntendeka gyebafunira mu maka.

1.4. ABAKYALA N'EMISOMO

Abakyala, naddala nga bannakazadde, tukirabye nti mu maka bebannannyini kukuza baana. Era bebasomesa abasookerwako okugunjula abaana n'okubateekateeka mu bulamu bwabwe ngabakuze. Empisa z'obuwangwa bwaffe nnyingi tezooлека kimala bukulu bwabakyala sso nga balina obuvunanyizibwa bunene eri eggwanga. Wabula Ssemateeka ekyo yakirabukirira era yagolola ensobi eno – okusinziira kubingi n'ebirungi byebakolera eggwanga, obukozi bwabwe, wamu n'emigaso gyabwe yabazzamu omutima, nabaddiza ekitiibwa kyaabwe ekigiira ddala mu buvunanyizibwa bwebalina.

Abantu basanidde bamanyisibwe nti kyetaagisa wabeewo obwenkanya olwokugendera awamu n'omulembe, ekitiibwa ky'abakyaala n' obukozi bwaabwe byeyongere okugobolola eggwanga lyonna

1.5. EMISOMO MUBANTU

Bwetwogera ku BANTU – kitegeeza abo ababeera mu kitundu ekimu, ng'ekyalo, era abakozesa ebintu ebingi mu ngeri eya lukale. Bakolagana mu bingi. Okugeza : Amazzi bagakima ku luzzi lwerumu, abaana baabwe basomera wamu, amasinzizo beyambisa ge gamu , kwossa n'obutale mwebagula ebintu.

Ekyalo gyekikoma okukulakulana, n'abatuuze baamu gyebakoma okubeera n'obulamu obwawaggulu. Nolwekyo nno kulwobulungi bwekitundu,, ekyalo kiteekwa okukwatiza awamu n'ebyalo bwebaliraanye. Ebyalo bwebigenda nga byegattagatta bikola agatundutundu okutandikira obukulembeze okubuna eggwanga lyonna. Ebitundu bino bwebiba n'obwetaavu, abakulembeze baamu kumitendera egyenjawulo, batuula nebekolera enteekateeka, era nebateesa bwebanakola okukulakulanya ebitundu byaabwe.

Mu nteekateeka za Gavumenti ez'ebitundu, abantu baalekerwa ebbeetu okwenyigira mu bukulembeze bw'ebitundu byaabwe okuviira ddala ku byalo, okutuuka ku District, nekibuna n'eggwanga lyonna okutwalira awamu. Enteekateeka eno ewa omukisa abakulembeze mu bitundu byabwe, okweteekerateekera enkulakulana z'ebitundu byabwe. Enkola eno egassegasse ebitundu nemuvaamu enkulakulana y'abantu boona awamu.

ENKIIKO z'ebitundu n'endala ez'abantu ziyambye nnyo okusomesa abantu era n'okwongera okunyweza enkola erekera abantu eddembe n'obuyinza okwekolera n'okwesalirawo ku nsonga zabwe zebaagala.

1.6. OBUWANGWA N'EMISOMO GY'ABANTU

Obuwangwa, zempisa n'embeera z'abantu abali awamu mu kitundu. Tewali ggwanga litalina buwangwa bwalyo, kubanga obuwangwa bwa buli ggwanga bwebulyaawula okuva kuddala.

Obuwangwa kwekuva emirandira egikwata ku lulimi abantu lweboogera, ennono zabwe, ennyimba zabwe, empandiika, enjogera yaabwe n'ebirala. Obuwangwa bugatta era bulunganya bannanyinibwo. Era buyamba nnyo abazadde mu maka okukulizaamu abaana nebakulira mu mpisa ennungi.

Olwokubanga obuwangwa bugatta kitole bannyinibwo era sikyangu kubunyigiriza oba okubusambajja.

Wadde obuwangwa bwamaanyi naye bukulakulana ate bukyuuka, nolwekyo abasomesa abantu balina kuyita mu buwangwa, nebabwongerako eby'eddembe ly'obuntu, n'ebirungi ebikulakulanya abantu, obuwangwa nabwo, buwe abantu eddembe okubwetaayizaamu, nga tebuyitibwamu oba okweyambisibwa okutyoboola eddembe ly'obuntu.

Abasomesa mu misomo gino bateekwa okubeera nga bamanyi bingi nobwongo obugazi n'okussa ekitiibwa mu mbeera zabantu bebasomesa kiryoke kibagondeze omulimu.

ENTEKATEKA NENKOLA YOMUSOMO

2.1. ENYANJULA

Ensomesa ngaweyambisa akatabo kano.

Okusomesa obulungi nabantu okutegeera byoliko weyambise amakubo gano:-

- (i) Okukubaganya ebirowoozo, okuleeta ebyokulabirako, okubuuza ebibuuzo nokubiddamu, okutegeka obuzannyo, okwogera akaati, okubategeka mubibinja buli omu mwanyumiriza banne byamanyi.
- (ii) Okwogerera munkungaana z'abantu bonna.
- (iii) Okukubaganya ebirowozo mubibinja mubifo ebyenjawulo. Oyo yena anasomesa ateekwa okuba n'obusobozi obutegeka emisomo egiragiddwa ate era alekere eddembe abo baasomesa nebebaba benyigiramu n'okwegezzamu.

2.2. EBYEYAMBISIBWA MU MUSOMO; Okusomesa obulungi emisono gino Omusomesa asaana abeere nabino:-

- (i) Akatabo kano
- (ii) Ekitabo kya Ssemateeka
- (iii) Akatabo omuli Etteka ly'akalulu k'ekikungo
- (iv) Ebipande abasoma kwebayigira
- (v) Ebipande nebikalaamu (kuwandikako)
- (vi) Ennoni (bwoba oneyambisa lubaawo).

2.3. EBIGENDERERWA BYEMISOMO

Kunkomerero y'omusomo abantu beteekwa okuba nga bino babiyize:-

- (i) Enfuga kye kki?
- (ii) Ssemateeka kye kki?
- (iii) Okunnyonyola amakulu g'ekigambo "Akalulu k'ekikungo"?
- (iv) Ekibuuzo ky'akalulu
- (v) Okunnyonnyola enjawulo wakati wokulonda okwabulijjo, nokwakalulu k'ekikungo.
- (vi) Okunnyonnyola lwaki akalulu k'ekikungo ketaagissa
- (vii) Okunnyonnyola amakulu g'enfuga.
- (viii) Okunnyonnyola enjawulo wakati w'enfuga y'omugendo n'ey'ebibiina.
- (ix) Okunnyonnyola lwaki kyetaagisa abantu okwenyigira mu kalulu k'ekikungo akomwaka gwe 2000.
- (x) Okumanya enjawulo mukalulu k'ekikungo ak'eggwanga lyonna nakekitundu obutundu.
- (xi) Emitendera mwoyisa okwemulugunyakwo kukulonda singa oba toli mumativu :ku kalulu k'eggwanga lyonna, ku kalulu k'ekitundu.

2.4. OKUGESEZA ABASOMA

Okusinzira kubungi bwebiseera byemulina n'entegeka y'omusomo, abagwetabyeemu bandyegezeza mubino:-

- Okukubaganya ebirowoozo nokunokolayo akahulu akekika kino wekaali kabadde.
- Okukubaganya ebirowoozo byakahulu kekikungo.
- Okukubaganya ebirowoozo ku kahulu kekikungo akomwaka 2000 nekawefube w'okutalaaga mu balonzi okubasabayo obululu.
- Okukubaganya ebirowoozo kwebyo omulonzi wayinza okumenyera amateeka.
- Okukubaganya ebirowoozo kubirungi nebibibi ebiri mukalulu kekikungo.

2.5. ENTEGEKA Y'OMUSOMO

(i) Ebigendererwa byomusomo

Ebigendererwa biteekwa okuba nga bitegerekeka era ngabasoma baweebwa okwegezaamu kwebyo ddala byebateekwa okussa munkola oluvannyuma.

(ii) Ensomesa

Omusomesa atekwa okutegeka omusomo ogunanyumira abasomi.

- (a) Nga mumpi sigwakulandagga
- (b) Weyambise ebipande beerabireko nokweggiramu amakulu nekisoboka.
- (c) Bawe ebyokulabirako
- (d) Enziramumu yebibuzo etekwa kuba ngematiza.
- (e) Omusomesa atekwa okuba ngawulikika bulungi atenga ngasanira okuyimirira mumaso gabantu.

(iii) Abasoma begezaamu

Okwegezaamu kwabeta byemumusomo kugwa mubiti bibiri i.e. okukolebwa amangu ddala ngomusomo gwakaggwa, oba ebibatumbwa okukola oluvannyuma i.e. okusaza akalulu.

(iv) Ebirala:

Bwekiba nti Omusomesa tasobola kufuna bipande nebi kalamu – yeyambise olubaawo nennoni.

- Abetabye mumusomo ngabamanyi okusoma nokuwandika, bakubirizibwe okwefunira ebitabo nekkalamu.
- Abasoma bakubirizibwe emisomo gino bagyegezamu nebanabawe abalala abeeka, mikwano gyabwe, nabantu abalala.

OBULULULU BWEKIKUNGO OKUTWALIRA AWAMU

Akalulu k'ekikungo kabaawo era ketabwamu abantu bonna oba ekitundutundu, kunsonga enkulu ennyo. Kasalawo eggoye kubantu kyebaagala okunsinzira ku nkola ya Gavumenti oba ku tteeka. Obutafananako n'okulonda okwabulijjo, obululu bwebusalawo ku mubaka abantu gwebagala oba ekibiina – akalulu kekikungo kasalawo ku nsonga oba ku kibuzo.

Ekyokulabirako: Akalulu kano kayinza okusalawo eggoye ku nsonga z'ebyobufuzi, ez'ebyenfuna, embera zabantu, oba ez'ebyobuwangwa singa wabaawo enjuyi ezitakaanye. Ensonga zino ziyinza okuba nga zizingiramu eggwanga lyonna oba nga ziri mu kitundubutundu eky'eggwanga. Akalulu k'ekikungo kaali kakubiddwako wano mu Uganda mu mwaka 1964 "Kumasaza agazaawa".

Abatuuze mu masaza Buyaga ne Bugangazzi baweebwa omukisa benyigire mu kalulu k'ekikungo mu masaza ago, okwesalirawo okusigala wansi w'obukulembeze bw'Obwakabaka bwa Buganda oba okudda mu Bukama bwa Bunyoro, si nakindi okwetonderawo District eyetongodde. Kagenda okuggwa ng'abantu bomubitundu ebyo beesaliddewo kwegatta ku Bukama bwa Bunyoro.

Ssemateeka mu mawanga mangi. abantu bannansi baalekerwamu eddembe okweyambisa akalulu k'ekikungo, okusalawo eggoye ku nsonga ezamaanyi.

Eby'okulabirako:

Mu ggwanga lya Australia bwewabaaawo ekyetaaga okukyusibwamu mu ssemateeka abantu bebakisalawo nga bayita mukalulu kano.

Mu October 1999 wateegekebawo akalulu k'ekikungo bannansi bomugwanga er yo besalirewo, kukyokusigala wansi w'Obwakabaka bwa Bungereza oba eggwanga eryo okufuuka eryakyetwala.

Ekyokulabirako ekirala – mu mwaka 1975, Bungereza yagonjoola ekizibu kyeyalina ku bwa Mmemba bwayo mu lukiiko lwa Bulaaya. Era akalulu k'ekikungo mu ggwanga eryo kagonjoola ekizibu ekyo bannansi bwebesalirawo byebaagala.

Ate mu Sweden mu mwaka 1955 akalulu kekikungo kekaabasalirawo omukono ebidduka mu ggwanga eryo kwebivugirwako.

Ate yo Mu Misiri nga 27/9/1999 bakuba akalulu okusalawo eggoye oba President Hosin Mubarak yali akyaasaanira okweyongerayo ekisanja ekirala.

Mu Spain mwategekebawo akalulu kano bannansi okwesalirawo ekyeggwanga lyabwe okufuuka Memba wekibina North - Atlantic Treaty Organisation (NATO).

Akalulu kekikungo kekasalawo okusobola okuzza muggwanga eryo enfuga egoberera ebibiina.

Mu Canada gyebasinga okwogera Olungereza, waliwo ekitundu kya Quebec ekyogera Olufaransa etegekerwayo nnyo akalulu ako, abekitundu ekyo besalirewo okwekutula ku Canada oba okusigala nga kitundu kya Canada.

Amawanga amalala akalulu kano gyekabadde ye Northern Ireland ne Switzerland.

Abantu ba East Timor baakuba akalulu nga 13/8/99 oba betaaga obwetwaaze okuva ku Indonesia. Akalulu kaasalawo befuge.

EBIBUUSO NOKUDDAMU

Ekibuuza Ekisooka. Mugaso ki oguli mukalulu k'ekikungo?

OKUDDAMU: Muni abantu mwebalina eddembe okwesalirawo obuyinza bubeera mu mikono gyabwe. Ku nsonga mwebatakaanya beyambisa kalulu kano okubasalirawo. Abantu okwesalirawo kyekisingako – kubanga okusalawo kwababaka abatunwa mu lukiiko lw'Eggwanga oba olwa District oluusi kuyinza obutaba na ndowooza za bantu.

EKIBUUSO 2 Njawuloki eriwo wakati wokulonda okwabulijjo nokwa kalulu kekikungo?

OKUDDAMU: Okulonda Okwabulijjo akalulu kakubibwa ku bantu ababa besimbyewo, sso nga akalulu k'ekikungo kagonjoola nsonga.

EKIBUUSO 3 Ani akuba akalulu k'ekikungo?

OKUDDAMU Abantu bonna abewandiisa ng'abalonzi bonna bakuba akalulu ensonga bweba ekwata ku ggwanga lyonna. Ensonga bwezibeera ez'ekitundu oba eza District. Abewandiisa ng'abalonzi mu kitundu ekyo bebokka abakuba akalulu ako. Nebwekuba kwemulugunya ku kalulu k'ekikungo bebanu era abakikola.

EKIBUUSO 4 N'ekika kyebyobufuzi omuntu kyayagala nakyo kyetaagisa kukubibwako kalulu kekikungo?

OKUDDAMU: Ye, eno yengeri esobozesa abantu ekwesalirawo enfuga mwebanakulemberwa.

EKIBUUSO 5 Kiki ekibaawo bweseetaba mu kalulu kano?

OKUDDAMU; Simusango era tobonerezebwa, naye wesanga akaluluko, kekandikyusizza nekaleetawo enjawulo. Ate kisoboka nti ggwe oba banno abendowooza emu bwemutakubye kalulu mwe mulemesezza oludda lwamwe.

4.1. EBYAFAAYO:

Okusobola okutegeera obulungi akatundu aka Ssemateeka n'amateeka agoogerwako mukatabo kano – kisaana twejjukanye ku byafaayo by'eggwanga lino.

Abafuzi b'Amatwale nga tebanajja, Uganda yalina ebika by'obufuzi byanjawule. Ebitundu ebimu byaali bifugibwa Bwakabaka songa ebirala abaami bebaabirimu.

Ssemateeka wa 1962 enkola ey'ebibiina by'obufuzi yalimu. Era n'ebitundu by'eggwanga byaweebwa enteekateeka z'ebyobufuzi ezenjawulo mu nkolagana yabyo ne Gavumenti eyawakati. Ekyokulabirako, kye kitundu kya Buganda kyaweebwa enkola eya Federo, sso nga ebitundu byebugwanjuba bwe ggwanga nabyo byaalina abafuzi ab'ensikirano.

- Kyo ekitundu kya Busoga kyaweebwa enkola eya Federo naye nga ya kitundu. Ate nga ebitundu by'eggwanga ebirala ebisigaddewo, byo byafugibwanga buterevu Gavumenti eyawakati.

Wakati we myaka 1962 – 1986 Uganda yafugibwa bweti:-

1962 – 1971	Nfuga yabibiina, byabufuzi
1971 – 1979	Nfuga yakinnamagye
1979 – 1980 – 1	Nfuga ya Minvuli wansi wa Uganda National Liberation Front noluvanyuma yafugibwa akakiiko k'amagye.
1981 – 1985	Nfuga ya bibiina
1985 – 1986	Bufuzi bw'amagye
1986 – Okutuusa kati	National Resistance Movement (Enfuga ey'omugendo).

Akakiiko akakwasibwa eddimu ly'okubaga Ssemateeka, bwekaali ku gwokukunganya ebiroowoza byabantu, n'olukiiko olwakola Ssemateeka – ensonga ezaaleetebwa abantu kubika byobufuzi zaali 2:-

- ey'ebibiina by'obufuzi
- n'ey'omugendo.

Akakiiko akabaga ssematteka kaasalawo ebika by'obufuzi byombi biteekebwe mu ssemateeka kubanga byawagirwa abantu bangi. Era ebika byombi byatekebwa mu bbago lya ssemateeka. Mu bbago lya Ssemateeka empya tenatongozebwa, yaweebwayo emyaka ettaano mu bukulembeze. Mu kiseera kye kimu ebibiina by'obufuzi byazibwa kubali okumala emyaka gyegimu.

Ensonga eno yagulumbya nnyo olukiiko olwateesa nokukola Ssemateeka, netuuka nokwabuluza mu lukiiko wakati w'oludda olw'abaawagira omugendo n'olwo olw'abaawagira ebibiina olwatuuka n'okufuluma olukiiko.

Akatundu 69 aka Ssemateeka akaaguhumbya/ennyo olukiiko lwa Ssemateeka, oluvanyuma kanywezembwamu – ngakalambise bulungi ebika by'enfuga

- (i) Ey'omugendo
- (ii) Ey'ebibiina
- (iii) N'endala abantu gyebaliba bagunzeewo nga bagyagala.

Ssemateeka wa 1995 yaakirambika bulungi nti / mu mwaka ogw'okuna ogw'olukiiko lw'eggwanga olwalondebwa ng'atongozeddwa, wategekebwewo akalulu k'ekikungo abantu besalirewo ekika ky'obufuzi kyebaagala bakulemberweemu.

4.2. AKALULU K'EKIKUNGO N'ENKOLA Z'EBYOBUFUZI.

Enkola y'ebyobufuzi kyeki?

Ebyobufuzi y'enkola eggwanga mwerifugirwa n'engeri abafuzi gyebalondebwamu. Nolwekyo enkola y'ebyobufuzi y'engeri bannansi gyebaddukanyamu ensonga z'eggwanga lyabwe mu ddembe, n'egyebaterezaamu obutakkanya bwabwe.

Waliwo ebiwulirwa mu mawanga agenjawulo okutegeeza enkola z'ebyobufuzi, nga bino:-

Democracy - Enfuga ey'okwesalirawo

Federation

Constitutional Democracy

Social Democracy

Dictatorship-Enfuga ey'obwanakyemalira

Monarchy-Enfuga ey'obwakabaka oba obufuzi obw'ensikirano.

Bino byonna nkola zabyabufuzi.-

Akawaayiro akasooka mu Ssemateeka kagamba – “Abantu bebalina obuyinza obwokuntikko mu Ssemateeka awatali kukugirwa.

Olwokussa ekitiibwa mu Ssemateeka nga bweyalagira nti abantu bebalina obuyinza obwokuntikko, era abantu bebamu beyakwasz obuyinza besalirewo ku nsonga ez'enjawulo nga zino:-

- (a) Akawaayiro 271, Ssemateeka yalagira abantu bebaba besaalirawo ku nkola y'ebyobufuzi gyebaagala.
- (b) Mu kawaayiro ake 74 Ssemateeka agamba nti enkola y'ebyobufuzi eyinza okukyusibwa buli luvannyuma olw'emyaka 4 egyolukiiko lw'Eggwanga, kino kisoboka nga kiyise mu kalulu k'ekikungo era nga kasabiddwa:-
 - (i) singa kiba kisabiddwa mukiteeso ekiwagirwa abakiise abasukka amakkati g'abakiise bonna mu lukiiko olukulu.
 - (ii) Singa kiba kisaliddwawo mukiteeso ekiwagiddwa abakkise munkiiko za District abasinga obungi kumuwendu gwabakiise mu buli District eziwera amakkati ga District eziri mu Uganda.
 - (iii) Singa kiba kisabiddwa mu kiwandiko eri akakiiko k'ebyokulonda abantu abewandiisa ng'abalonzi okuva mu buli kitundu ekironderwamu abawera bibiri bya kusatu eby'ekitundu ababaka mwebalondebwa obuterevu.

AKALULU K'EKIKUNGO AKOMWAKA 2000

KIKWETAAGISA NAAWE WETABE
MUNTEEKATEEKA
EY'OKWESALIRAWO
KUKIKA KY'ENFUGA KYOYAGALIZA
EGWANGALYO



LONDA

- (c) Akatundu 255 aka Ssemateeka kawa bannansi ebbeetu okwesabira wabeewo akalulu k'ekikungo mu ggwanga lyonna oba mu kitundu ku nsonga yonna gyebaba baagadde.
- (d) Akatundu 259 – mu Ssemateeka kawa abantu obuyinza okusaba waberewo akalulu k'ekikungo bwewaba waliwo byebetaaga bikyusibwe mu Ssemateeka.

Akalulu k'ekikungo kasobola okukyusa obutundu buno mu Ssemateeka:

- (i) Akatundu 259
- (ii) Essuula esooka akatundu 1 and 2.
- (iii) Essuula eyokuna akatundu 44
- (iv) Essuula eyokutaano akatundu 69, 74, 75.
- (v) Essuula eyomukaaga akatundu 79 akawaayiro (2)
- (vi) Essuula eyomusanvu akatundu 105 akawaayiro (1)
- (vii) Essula eyomunaana akatundu 128 akawaayiro 1

Akatundu ka Ssemateeka aka 69 kagamba nti “Abantu ba Uganda banaabanga n'obuyinza okwerondera n'okwesalirawo ku nfuga gyebaagala nga balonda mu ddembe n'obwenkanya oba okukuba akalulu k'ekikungo.

2. Enfuga ezalambikibwa mu Ssemateeka:-

- (a) Abantu bonna okubeera mu mugendo
- (b) Ebibiina by'obufuzi
- (c) Engeri endala yonna eriwo kulw'abantu.

4.2.1. Enfuga ey'Omugendo

Enfuga eno mu katundu 70 akawaayiro (1) mu Ssemateeka, enfuga y'omugendo e y o g e r w a l o ng'enganzi, ezingiramu ab'ebibiina nabatali ba biniina byabufuzi.

Enfuga y'omugendo (Akatundu 70 akwawaayiro (1)

- (a) yesigamyee ku birowoozo by'abantu
- (b) Abasinga obungi kyebaagala, obuvunanyizibwa eri abantu
- (c) Obuvunanyizibwa ku bifo by'obukulembeze bwabantu bonna
- (d) Ebisaanyizo bya kinnomu okulondebwa mu bifo by'obufuzi.

4.2.2. Enfuga y'Ebibina by'obufuzi:

Enkola y'ekibiina ky'obufuzi bwekiba ekimu, oba ebingi – kibeera mu buyinza nga kyekiwangudde.

Enkola y'ekibiina oba ey'ebibiina by'obufuzi erambikiddwa bweti:-

- (a) Obutasosola mu bantu
- (b) Okubeera munakibiina tekyesigamizibwanga ku butonde, ggwanga, ddiini oba ekitundu omuntu mwava.
- (c) Enteeekateeka y'ekibiina ky'obufuzi enesigamizibwanga ku musingi gw'obwenkanya nga Ssemateeka bwaragira.
- (d) Ba mamba b'ekibiina ky'obufuzi bakulondebwanga mu bannansi awatali kusosola mu butonde.
- (e) Ebibiina by'obufuzi okusinzira mu tteka, bijjanga okulaga wa gyebifuna ssente era nensasanya yaazo wamu n'ebintu ekibiina byekirina.
- (f) Tewali muntu anawalirizibwanga okubaako ekibiina ky'obufuzi kyaba ayingiramu olwekyo kyaaba ali oba kyayagala okuba.

**4.2.3. ENJAWULO ERI WAKATI W'ENFUGA Y'OMUGENDO N'EYEBIBIINA
EY'OMUGENDO EY'EBIBIINA**

Y'Abantu bonna awatali kubasosolamu, okwewandiisa Wadde okuweeba card yobwa Memba.	Okubeera Memba oteekwa okubeera Mugoberezi oba owendowooza yekibiina era nofuna ne card Yekibiina ekakasa obwa Memba.
Okutuuka ku bifo By'obukulembeze kwa bantu bonna.	Obukulembeze mu kibina bukugirwa Kuba memba bokka.
Ebisaanyizo bya kinnomu bye birondesa mu bifo byobufuzi.	Ekibiina kisunsula mu bawagizi baakyo bwekityo nekironda asaana okwesimbawo mukuvuganya
Tewabaawo hudda lutongole luvuganya na Gavumenti mu lukiko lw'Eggwanga.	Waberawo ekibiina oba oludda Oluvuganya.
Ebifo oba emirimo ng'obwaminisita biba biggule eri abantu bonna	Ab'Ekibiina oba ebikoze omukago bebegabanya ebifo n'emirimo mu gavumenti..

AKALULU K'EKIKUNGO KU KIKA KY'ENFUGA

Tudde wa, mu mugendo oba mu bibiina?
AKALULU KO KEKAJJA OKUSALAWO



4.2.4. ENFUGA EY'EKIBIINA EKIMU;

Enfuga eno ey'ekibiina ekimu ebaawo oluvannyuma ng'etteeka lyawera ebibiina by'obufuzi ebirala.

Akatundu 75 mu Ssemateeka kagaana olukiiko olukulu okuyisa etteeka eriteekawo enkola ey'ekibiina ekimu.

Enfuga ey'ekibiina ekimu, wegobererwa bino byebibaawo:-

- (a) Ekibiina kyeby'obufuzi kimu kyekikirizibwa.
- (b) Etteeka liwera ebibiina ebirala.
- (c) Mu nfuga ey'ekibiina ekimu – Omukulembeze w'Eggwanga yesimbawo bwannamunigina. Era akalulu kumukulembeze kabeera ka YEE oba NEDDA.
- (d) Ekibiina kyekisalawo ow'okwesimbawo.

EBIBUZO N'OKUDDIBWAMU

1. **Ekibuuzo:** Mmanyi ntya enfuga esingira ddala obulungi?

Okuddamu: Wuliriza nnyo enjuyi zonna, oja kwegyiramu.

2. **Ekibuuzo:** Oluvannyuma lw'okwetaba mu kalulu k'ekikungo, kinnetaagisa nate okuddamu mu mwaka 2001 okulonda President n'ababaka b'olukiiko lw'eggwanga olukulu?

Okuddamu: Yee. Kubanga okulonda okwo kwa njawulo. Akalulu k'ekikungo ketabeemu wamu n'okulonda okuliddirira kasita obeera munnansi aweza emyaka 18 ate nga wewandiisa ng'omulonzi.

3. **Ekibuuzo:** Omugendo kitegeeza – Pulezidenti Museveni ate enfuga y'ebibiina kitegeeza Obote oba Semwogerere?

Okuddamu: Nedda. Akalulu k'ekikungo kakusalawo ku nfuga gyoyagala, so sibakulembeze. Okulonda abakulembeze kwakutegekebwa luvannyuma.

4. **Ekibuuzo:** Akalulu k'ekikungo kazozezebwa mu Uganda mwokka?

Okuddamu: Nedda. Amawanga mangi geyambisizza akalulu k'ekikungo okugonjoola ensonga z'amawanga gaabwe, oba ebitundu byabwe.

5. **Ekibuuzo:** Kyennasalawo tekinzaalire akabasa okuva ku ludda lwesiwwagire?

Okuddamu: Akalulu ko oja kukasuula mu kyaama. Teri ajja kumanya ludda lw'olonze wabula nga gwe obikudde ekyama ekyo.

Mukalulu k'ekikungo kano
ani eyesimbyewo?



Akalulu kano ekigendererwa kwekusalawo ku ngeri
y'enfuga enekulembere eggwanga lyaffe, so si bantu
kwesimbawo kuvuganya.

EBIKULU MU KALULU K'EKIKUNGO N'ETTEEKA NO. 2 ERYA 1999

Etteeka ly'akalulu k'ekikungo No. 2 1999 ekyagendererwa:-

- (a) Okusobozesa bannansi okugonjoolanga ensonga singa wannabalukangawo obutakkaanya.
- (b) Kisobozese bannansi okukyusa enfuga singa baba bakyetaaze.
- (c) Kisobozese Bannayuganda okwesalirawo mu mwaka 2000 okwatula enfuga gyebaagala.
- (d) Okulambika n'okutukiriza obuvunannyizibwa obw'akakiiko k'eb yokulonda nga bwekiri mu tteeka Akatundu 5 Akawaayiro (1).
- (e) Okussaawo enkola esobola okugonjoola ensonga eziba zibalusewo.

5.1. AKAKIIKO K'EBYOKULONDA

Akatundu 60 mu Ssemateeka – kaalagira okutondebwawo kw' Akakiiko k'eb yokulonda, ak'obuyinza obujjuvu awatali muntu yenna oba ab'obuyinza abakakuba ku mukono mu mirimu gyaako.

Akatundu 61(b) mu Ssemateeka, kaawa obuyinza Akakiiko k'eb yokulonda Okutegeka n'okulabirira Akalulu k'ekikungo konna.

5.2. EMIRIMU EMIRALA EGY'AKAKIIKO K'EBYOKULONDA

- 1. Okuteekateeka emisomo gy'eb yokulonda eri abantu
- 2. Okuteekateeka n'okulabirira okulonda kw'abonna
- 3. Okulaba nti okulonda kwa bonna kukolebwa mu ddembe n'obwenkanya.
- 4. Okusalawo ku bubonero obwokubeera ku kapapula k'akalulu, oluvanyuma lw'okwebuza ku njuyi eziri mu nsike.
- 5. Akakiiko kekasalawo ku biseera n'ennaku ezokulonderako.
- 6. Akakiiko k'eb yokulonda nga kateekateeka akalulu k'ekikungo kasobola okulonda omuntu yenna ataliimu kyekubiira, oba abantu awamu, ekitongole, oba ekibiina – ne kabakwaasa obuvunannyizibwa obw'okusomesa abantu emitendera gy'okukuba akalulu kano.
- 7. Kawa emikisa ejenkanankana enjuyi zonna eziri mu nsike nga bwekiri mu Tteeka akatundu 28 akawaayiro (2).

5.3. AKALULU K'EKIKUNGO MU MWAKA 2000 AKANAASALAWO KU NFUGA

Akatundu 271 mu Ssemateeka

- (a) Akawaayiro (2) “Ngawabula emyaka 2, ekisanja kya palamenti eno esoose okulondebwa mu mu Ssemateeka ono okuggwako, omuntu yenna ajja kuba wa ddembe okulaba nga afuna abawagizi abaagala enkolaye mu byobufuzi ye gy'ayagala era gy'ayagala eyitemu mu kulonda kwonna okw'abantu.
- (b) Akawaayiro (3) kagamba nti “Mumwezi ogusemba mu mwaka gwokuna ogw'ekisanja kya Palamenti eyogeddwa mu kawaayiro 271(2) okulonda kwa bonna kujja kubeerawo abantu beesalirewo engeri gyebaagala bafugibwemu”. Era
- (c) Akawaayiro (4) kagamba “Palamenti ejja kuyisa amateeka aganassa mu nkola ebintu ebiragiddwa mu katundu 271.

Okuwumbawumba, akatundu 26 ak'akalulu k'ekikungo mu tteeka lwa 1999 kyasalibwawo nti akalulu k'ekikungo kekanasalawo eggoye ku nfuga abantu gyebanayagala —kakubaawo wakati wa 3 June ne 2 July omwaka 2000. Akakiiko k'ebiyokulonda kekajja okusalawo olunaku lw'akalulu.

5.4. OKUNOONYA ABAWAGIZI MU KALULU K'EKIKUNGO

Akatundu 13 mu kawaayiro (3) omuntu yenna oba abantu baakuba n'eddembe okunoonya abawagizi ku nkola z'enfuga zebaagala. Etteeka ligamba nti ng'ebula essaawa 24 okukuba obululu kubeewo, okunoonya obululu mu balonzi wekukoma.

Ssekinnoomu oba abantu awamu, ku njuyi zaabwe, olw'Omugendo, olw'Ebibina, oba enfuga endala eyawuka kw'ezo, buli ludda lwetaagibwa lulonde akakiiko akayitibwa National Referendum Committee nga katuulako ba memba nga tebasoba ku makumi abiri.

Emirimu gy'obukiiko obwo:-

- (a) Okuteekateeka engeri y'okunoonya obululu
- (b) Okulonda bejenti baabwe ab'okuyamba kukawefube w'okunoonya obululu ne mu kulonda kwennyini.
- (c) Obukiiko obwo bwebukolagana nakakiiko k'ebiyokulonda kunsonga z'akalulu k'ekikungo.

5.5. OKUKUBA AKALULU

- (a) Okukuba akalulu kujja kuba kwa kyaama. Era abalonzi ku njuyi zonna bajja kweyambisa, a kasanduuku kamu, mu buli kifo omulonderwa.
- (b) Amangu ddala ng'essaawa ey'okukuba obululu ng'eweddeko, obululu bubalirwawo nga n'ababaka b'enjuyi ezibadde mu nsike nga weebali mu kifo wennyini akalulu webakakubidde.
- (c) Oludda olulina obululu obusinga obungi lwerulangirirwa ku buwanguzi. Eky'okulabirako singa oludda olumu lufuna obululu bubiri olulala ne lufuna kamu, oludda olufunye obululu obubiri lweruwanguzi ate olufunye akamu luba lugudde.

5.6. ENSOBI OMULONZI ZAALINA OKWEGENDEREZA

- (i) Okusasamaza n'okutabulatabula eddembe bigaanibwa.

Akatundu 14 mu tteeka kagamba:-

- (1) Tewali muntu akkirizibwa mu kunoonya obululu okweyambisa olulimi oluvuma oba olutyoboola, okutabulatabula abantu, okusiikula obukyaayi yadde okweyambiisa eryaanyi.
- (2) Yenna amenya amateeka ago agamenyeddwaga waggulu (1) abaazzizza omusango, ekibonerezo kya kusibwa mu kkomera emyaka egitasukka ebiri oba okutanga siringi 1.2m — shs. Akakadde kamu m'emitwalo abiri. Oba okugattika byombi.

AKALULU K'EKIKUNGO AKOMWAKA 2000

Nsinziire kuki okusalawo enfuga gyenjagala?



Soma Empapura z'Amawulire

AKALULU K'EKIKUNGO AKOMWAKA 2000



Wuliriza Radio, Tunulira Television



Nnyigiriza wetabe munkungaana ez'ogererwamu
enjuyi ezinnonya obululu, kko n'emisomo
gy'e ebyokulonda, binakuyamba okutuuka okwesalirwawo

(ii) Emirimu n'obuvunanyizibwa bwa b'ejenti:

Akatundu Ak'Etteeka kagamba

- (1) B'ejenti ba buli ludda bakuweebwa emikissa egyenkanankana mu kweyambisa emikutu gya Gavumenti egy'empuliziganya.
- (2) Ng'agoberera amateeka ,ejenti omu oba ng'ali ne banne, wa ddembe okuwandiika obutabo, ebipande, obupapula, empapula z'amawulire, mwanayita okunoonya obululu mu balonzi, wabula atekwa okulaga ebimufaako nga ejenti kisobozese okumwawula kuba ejenti abalala.
- (3) Mu kunoonya obululu tewali muntu ajja kukirizibwa kukuba mu kyapa, okusasanya, oba okuwandiika mu mpapula z'amawulire, oba mu bipande ebikwata ku kalulu k'ekikungo okujjako ngalaze amannya ge, endagiriro ye era nga biwandiikiddwa wansi ku nkomerero y'ekiwandiiko kye, oba ku bbaluwaye.
- (4) Bwaba nga agoberedde amateeka ,ejenti wa ddembe okunoonya obululu nga akozesa emikutu gy'empuliziganya.
- (5) Teri muntu akkirizibwa kwogerera mafuukule oludda olulala oba ejenti walwo ng'ayita mu mikutu gy'empuliziganya : (a)Mu bugendererevu oba sibugendererevu, okwogera ebikyaamu
 - (b) Okusiiga enziro
 - (c) Okwogera ebigererera okujja abantu ku mulamwa balowooleze mu mawanga, eddiini n'ebirala.
 - (d) Olulimi oluvuma, oba olutyoboola
 - (e) Okusavuwaza, okunoonya okusesa, songa bikyaamu.
 - (f) Okunoonya okwawulayawula mu bantu n'ebigambo ebivvoola oludda olulala
 - (g) Okupanga-panga ebigambo ebijaabulula oludda olulala.
 - (h) Okuyita mu kuyimba oba ebiiyiye, ebitontome okusiiga enziro.

6. Bannyini mikutu gy'empuliziganya tebakirizibwa kuwa bbeetu b' ejenti kunoonya bululu ng'a kigendererwa kwonoona.

7. Guba musango okumenya amateeka agogeddwako

- (a) Okuwandiika obutabo, obupapula, mu mawulire oba kubipande, ebbaluwa noteranga mannya go n'ebikufaako – owa omutango gwa shs. 300,000/= (emitwalo 30), oba okusibwa emyezi egitasukka 3 (esatu) oba okugatta byombi.
- (b) Omusango gwonna kw'egyö nga gukumezze, omutango shs. 500,000/= oba okusibwa emyezi egitasukka 6 oba okugatta byombi.

8. Mu kitundu kino Emikutu egyogerwako gyegino:

Radio, Television, Internet, e-mail nebirala.

(iii) EBIRALA

- (27) (i) Tewali muntu akkirizibwa mu kiseera ky'okunoonya obuwigizi mu kalulu k'ekikungo - akkirizibwa okukozesa ebigambo oba obubonero obugenderera okwawulayawula mu bantu olw'ekikulakyaabwe, eggwanga, eddiini, langi, obuzaale n'ebirala.

- (ii) Yenna atagondere tteeka eryogeddwako waggulu guba musango, omutango shs. 2,000,000/= (obukadde bubiri) oba okuggalirwa mu kkomera obutasukka mwaka mulamba, oba okugattirwa ebibonerezo byombi.
- (28) (1) Ensimbi ezinasasanyizibwa Akakiiko k'ebiyokulonda ku nteekateeka yonna ey'akalulu k'ekikungo, mutemwa ogwayisibwa olukiiko lw'egwanga.
- (2) Akakiiko k'ebiyokulonda kakugabanya kyenkanyi emitemwa gy'ensimbi eri enjuyi zonna ezigenda okwetaba mu kalulu k'ekikungo.
- (29) Okujjako ensimbi ezakirizibwa mu tteeka mu katundu 28 oba mu tteeka eddala lyonna, tewali bintu bya ggwanga bijja kukozesebwa mu kiseera ky'okunoonya obululu.

EBIBUZO N'OKUDDIBWAMU

1. Ekibuuzo: Bani abavunanyizibwa okutegeka akalulu k'ekikungo?

Okuddamu: Ssemateeka mu katundu 61(b) obuyinza okukola enteekateeka, nokulabirira okulonda kwa bonna n'okw'akalulu k'ekikungo yabukwasa – Akakiiko K'ebiyokulonda.

2. Ekibuuzo: Baani abanakuba akalulu k'ekikungo akomwaka 2000?

Okuddamu: Abantu bonna mu Uganda abewandiisa ng'abalonzi.

3. Ekibuuzo: Akalulu k'ekikungo tekatyoboola eddembe ly'obuntu?

Okuddamu: Nedda. Ssemateeka yakirambika bulungi. “Abantu ddembe lyabwe okwebuzibwako era besalirewo nga bayita mu kulonda okw'eddembe n'obwenkanya okwesalirawo ku banabakulembera n'obufuzi bwebaagala, nga bakuba obululu obw'okulonda abakulembeze oba obw'ekikungo mu mabanga amagere.

4. Ekibuuzo: Gavumenti n'ebitongole byaayo byakweyisa bitya eri enjuyi ezinabeera mu nsiike?

Okuddamu: Mu kiseera eky'okunoonya obululu, enjuyi zonna zijja kuyambibwa kyenkanyi, era n' Ebitongole bya Gavumenti ne ba Officer baayo mu magye, mu Police, wamu n'abakozi ba Gavumenti abalala bateekwa okuya mba kyenkani enjuyi zonna ez'okwetaba mu kalulu.

5. Ekibuuzo: Waliwo ebikolwa byonna ebiganiddwa?

Okuddamu: Yee – tekikirizibwa kukozesa bintu bya Gavumenti mu kawefube w'okunoonya obululu.

6. **Ekibuuzo:** Akalulu k'ekikungo kanabeera ka ddembe na bwenkanya?

Okuddamu: Akakiiko k'eb'okulonda, buvunanyizibwa bwako okulaba ng'okulonda kubeera kwa ddembe na bwenkanya. Abantu bebaba basalirawo ku nfuga gyebaagala. So si Gavumenti okubasalirawo.

7. **Ekibuuzo:** Enjuyi eziri mu nsiike, zirina kweyambisa mikutu gya Gavumenti gyokka?

Okuddamu: Nedda. Baddembe okweyambisa emikutu gya Gavumenti n'emirala egy'obwamannyini, kyokka mu kweyambisa emikutu egy'obwamannyini bebaba balina okwesasulira.

8. **Ekibuuzo:** Kiki ekinatuuka ku gavumenti eriko ssinga abasinga obungi baanalonda enfuga etali ya Mugendo?

Okuddamu: Ekisanja kya Gavumenti eri mu buyinza kyakukomekkerezebwa mu mwezi gwa June 2001. Oluvannyuma lw'ekiseera ekyo, Gavumenti empya eriba erondeddwa abantu ba Uganda eriyigira mu bukulembeze era eryeyambisa enfuga enesalibwawo abantu mu kalulu k'ekikungo kebanakuba mu mwaka 2000 (nga bwekiri mu Ssemateeka mu katundu 271).

Ekibuuzo: Bannayuganda ab'obuvunanyizibwa bakole ki mu kiseera ky'akalulu k'ekikungo?

- Okuddamu:**
- (a) Buuli munna Uganda awezezza emyaka 18 n'okweyongerayo bewadiise okubasobozesa okwetaba mu kalulu ako.
 - (b) Mu kiseera eky'okutimba enkalala z'abalonzi, mufeezo okukebera amannya gamwe mu nkalala ezo, n'okugyamu amanya g'abo abasaanira – eky'okulabirako agaabo abatali bannansi, ag'eb'emyaka agitannatuuka, agaabo abaaafa, nagaabo abasenguka. Erinnya lya nga teriri ku lukalala lw'abalonzi kolagana n'abakulira eby'okuzza obuggya enkalala ezo bakitereeze.
 - (c) Mu biseera eby'okunoonya obululu (campeyini), genda owulirize aboogezi bonna yadde nga tokiriziganya nabo. Wuliriza enjuyi zonna. Wewale enyombo, okukiriza era n'okuwa enguzi.
 - (d) Okukuba akalulu kwa kubeera abantu bonna webalaba. Abantu ba ddembe okubawo ng'obululu bubalibwa era ne mukulangirira ebivuddemu.
 - (e) Oludda oluwanguddwa, lukkirize okuwangulwa, kubanga ne mu kalulu k'ekikungo, okufananako n'okulonda okulala mubeeramu okuwangula n'okuwangulwa.
 - (f) Yenna atamatidde n'ebivudde mu kulonda – etteeka weeriri nti omulonzi yenna ng'awagirwa abalonzi abatakka wansi w'ebitundu 2% eby'abalonzi abewandiisa

mu ggwanga, waddembe okutwala okwemulugunya kwe mu Kooti enkulu munnaku asatu (30) okuva ebyaava mu kulonda lwebyalangirirwa mu butongole. Bwekiba nti ne mu Kooti enkulu osigaddemu akakakunkuna, julira mu Kooti ejulirirwamu (Court of Appeal,), eyo ye Kooti esembayo obukulu, kyesalawo kye kikomererayo.

Wekkanye: Singa tewabaawo kwemulugunya kwonna mu nnaku asatu, oba okwemulugunya nga kumenyeddwawo mu nnaku asatu – olwo okusalawo kw’Akakiiko k’ebyokulonda kwekuba okw’enkomelero.

10. Ekibuuzo: Nsobola okunoonya obululu mu kitundu kyonna eky’eggwanga?

Okuddamu: Yee. Wabula tegeza mu buwandiike omwami ow ‘eGgombolola y’ekitundu awamu n’omukulu wa POLICE atwala ekitundu ekyo ngebulayo essaawa 72 (ennaku satu) okutandika enkungana zo.

11. Ekibuuzo: Nze omukyala omufunbo, bwennonda oludda baze lwatawagira ,tekinzalire emberebeze?

kuddamu: Okulonda kubeera kwa kyaama, balo oba omulala yenna tajja kumanya ludda gyowadde akalulu, okugyako nga ggwe obabuulidde – kuuma ekyaama kyo.

12. Ekibuuzo: N’enfuga ya Federo nayo enee kubwako akalulu ku luno?

Okuddamu: Nedda. Enfuga ya Federo siyabyabufuzi wabula kika kya Gavumenti ekiyinza okubaawo wansi w’enfuga ey’ebibiina oba ey’omugendo .

AKAKWASO AKASOOKA

EBIGOBERERWA MU KUSOMESA ABANTU AKALULU K'EKIKUNGO MU MWAKA 2000

Okusenziira mu katundu 1(i) mu kawaayiro 12 mu tteeka ly'eby'okulonda No. 3 erya 1997, n'etteeka ly'akalulu kekikungo No 2 erya 1999, Akakiiko kalina omulimu ogw'okulambbika ensomesa y'abantu ku kalulu k'ekikungo. abantu balyooke basobole okwerondera enfuga gyebaagala. Ebinagoberewa bibino biragiddwa wansi:-

Abantu bategeezebwe nti emisomo gino gyakwesigamizibwa ku mateeka era nga gyakulungamizibwa Akakiiko k'eby'okulonda. Era abanasomesa heebo abantu ba ssekinoomu, abantu mu bibinja, abalala okuva mu bitongole oba ebibiina, abanaabweba olukusa Akakiiko k'ebyokulonda.

1. Ebigendererwa mu kusomesa kuno

Bonna abanenyigira mu kusomesa abantu ku by'akalulu k'ekikungo ak'omwaka 2000 ku lwa' Akakiiko k'eby'okulonda bateekwa kusooka kumanya ku bigendererwa bino:-

- (a) Okuyamba okusomesa Bannayuganda okutegeera omugaso gw'akalulu k'ekikungo. Obuyinza bwebalina, obubasobozesa okwesalirawo ku nfuga gyebaagala.
- (b) Abantu bayige eddembe, n'obuvunanyizibwa byebalina nga bannansi nga bino:-
 - (i) okulaba nga bewandiisizza
 - (ii) Babeerawo mu nkiiko omunayogererwa ababasaba obululu
 - (iii) Olunaku lw'okulonda balondese magezi.
- (c) Okusomesa abalonzi amateeka g'akalulu k'ekikungo— kibasikirize okuketabamu.

2. Ebisanyizo by'abo abanasomesa abantu

Abanasomesa, kaabe ssekinoomu, ebitongole, oba okuva mu bibiina by'obwanakyeewa banalondebwa okusenziira ku bino:-

- (a) Abantu abatalina kyekubiira oba abatalina kibiina kya byabufuzi kyebawagira
- (b) Abobusobozi obukakasiddwa mu District zabwe era abalina obumanyirivu obunabasobozesa okumatiza abantu.
- (c) Abanasomesa bateekwa okubeera n'amagezi agamala okusomesa abantu.
- (d) Ng'enfuna yabwe etegeerekeka era abalina obumalirivu era nga beetegese okutuukiriza kawefube ono.
- (e) Nga balina obumanyirivu ku by'embeera z'abantu n'enkolagana nabo.
- (f) Bateekwa okuba abetegefu okukolera wansi w'ebiragiro by'akakiiko k'ebyokulonda okuva ku kitebe ekikulu eky'akakiiko ne ku bitebe bya Disitulikiti, eri abakulira eby'okulonda mu bitundu n'abalala abavunanyizibwa ku by'okulonda mu bitundu. Era bakitegeere nti omulimu gwebaliko bagukola ku lw'obulungi bw'akakiiko k'ebyokulonda n'okutuukiriza ebigendererwa byakakiiko.

3. Emirimu n'obuvunanyizibwa bw'Abasomesa mu misomo gy'Abalonzi

Omuntu yenna, ekibinja oba ekitongole kyonna ekinaba kirondeedwa, bino byebateekwa okukola:-

- (a) Okuyingiza abalala abanasomesa kyokka ng' Akakiiko k'eby'okulonda kekabakakasa.

- (b) Okusomesa abalonzi eby'akalulu k'ekikungo
- (c) N'okukola emirimu emirala egyekuusa ku kusomesa abalonzi ng' Akakiiko k'ebby' okulonda bwekaba kalabye.

Wetegereze kino:-

Akakiiko k'ebby' okulonda kalina obuyinza obuyimiriza yenna, oba ekibinja kyonna, oba ekitongole kyonna, oba ekibiina kyonna ekiremeddwa okutuukiriza oba ekitagoberera nkola eyo.

4. EBYEYAMBISIBWA OKUSOMESEZAKO

- (a) Akakiiko k'ebby' okulonda n'ebibiina by'obwannakyeewa ebiba birondeddwa, byebby' okufunira abasomesa bemisomo egyo eby'okweyambisa nga basomesa, ku by'akalulu k'ekikungo.
- (b) Akakiiko k'ebby' okulonda ke kalina okukakasa emisomo emiwandiike egitegekeddwa ebipande, awamu n'ebby'okweyambisa mu kusomesa abalonzi.
- (c) Eby'okusomesa eby'okukuba mu kyapa n'ebby'okuyita ku mpewo za Radio, abasomes balina okugoberera enkola y' Akakiiko k'ebby' okulonda. Nga tebakikoze, bajjibwa ku mulimo mbagirawo.

5. Okuwandiika abanasomesa eby'akalulu

Bonna abanawandiika ab'okusomesa okuviira ddala ku zidisitulikiti ne bonna abanaweebwa omukisa okuyingiza abanasomesa – bateekwa kumala kwebuuzza ku ba Returning Officers. Akakiiko k'ebby' okulonda kayinza okugaana bebayingizza bwebaba nga mu - kubawandiika tebagoberedde ntekateeka eyogeddwaako.

6. Ebisaanyizo by'abasomesa

- (a) Anasomesa atekwa okuba ng'assibwamu ekitiibwa ku'kyalo oba mu muluka ogwo.
- (b) Ateekwa kubeera mwesimbu ataliiko kyekubiira era atekwa okuba nga tali omu ku bejenti ab'okunoonya obululu.
- (c) Ateekwa okuba ng'asobola okusoma n'okutegeera awamu n'okuvvunula ebiwandiiko ebikwata ku misomo gino.
- (d) Ateekwa okuba nga mutuuze ku kyaalo oba mu muluka ogwo.
- (e) Ateekwa okuba akuze mu birowoozo nga yatuuka mu ssiniya eyokuna oba obuyigirize obwenkana awo.
- (f) Obumanyirivu mu by'obukulembeze
- (g) Ateekwa okuba ng'asobola okwogera n'okunyonnyola abantu mu lulimi olwogerwa mu kitundu ekyo.
- (h) Ateekwa okuba ng'anasobola okukolera ku biragiro ebimuweeredwa.
- (i) Enmyingiza y'abo abanasomesa etekwa kubeera nyanjulukufu era nga si yamankwetu okusinziira ku busobozi n'okulowooza ku bantu abatafiibwako
- (j) Abo abaali basomesezzaako mu misomo gino balowoozebweko nnyo.

AKAKWAASO AKOKUBIRI

Ng'abantu ba Uganda bwebesibye bbiri okunyweerera ku nkola egoberera amateeka – okunyweeza okwegatta, omwenkanonkano, obwenkanya n'okugenda mu maaso.

Nga bwekiri, abantu ba Uganda buvunanyizibwa bwabwe okulaba nga Ssemateeka bamukuba budinda n'okwettanira eddembe n'obwenkanya.

1.0 ENDAGIRIRA ERI ABASOMESA

- 1.1 Buvunanyizibwa bukulu eri abasomesa okumanyisa Bannayuganda n'okusingira ddala abatuuze abawezezza emyaka egironderwako okwewandiisa basobole okulonda mu kalulu ke kikungo.
- 1.2 Omusomesa abeera mukwano gw'abalonzi era abafubeko nnyo okubasomesa n'okubawa amagezi ku kalonda yenna afa ku kalulu k'ekikungo – wabula omusomesa tageza ne yeyambisa ekifokye okukyusa endowooza z'abalonzi okuva ku nfuga emu badde ku nfuga endala.
- 1.3 Omusomesa mu misomo gino akozese amagezi gonna:
 - (a) okwagazisa abantu, abatuuse ku myaka egikuba akalulu mu bitundu byabwe, bakozese eddembe eriri mu Ssemateeka okwewandiisa n'okulonda mu kalulu k'ekikungo akanasalawo enfuga abantu gyebaagala.
 - (b) Okujjumbiza abantu okwenyigira mu nkungaana ez'okwogererwamu abawagizi b'enjuyi z'enfuga ezivuganya.
 - (c) Okukubiriza abalonzi bafeeyo nnyo okwewulirira n'amatu gaabwe kibasobozese okwesalirawo ku lwabwe ekirungi so ssi eby'abeyogereze.
 - (d) Okwagazisa abalonzi okubuuza ebibuuzo bingi bannyonyoke ku nfuga ez'enjawulo.
 - (e) Okuwa omulonzi ennyinyonyola ematiza ku nkuba entuufu ey'akalulu, ng'omulonzi amaze okumatira ku nfuga ey'obwenkanya mwanakulembererwa.
 - (f) Fuba, okuwa omulonzi amagezi aleme kumenya mateeka agafuga akalulu k'ekikungo.
 - (g) Omulonzi muwe amagezi yewale ebikolwa ebiyinda okutabangula emirembe, oba okusiikuula obukyayi mu balonzi oba okutabulatabula n'okugootaanya enkubisa y'akalulu ke'ekikungo mu ddembe n'obwenkanya n'okutyoboola Ssemateeka.
- 1.4 Omusomesa Tateekwa kugwa lubege kulaga nfuga ye gy'ayagala – kubanga aggwamu obwesige eri abantu kubanga kino kyonoona ekigendererwa ky'emisomo gino.
- 1.5 Omusomesa mu misomo gino takkirizibwa kukuutira kadingidi oludda lwonna, oba okukola nga egenti woludda lwonna mu kalulu k'ekikungo.
- 1.6 Omusomesa Tateekwa okubeera omutegeevu era ow'empisa ennungi, kimusobozese mu misomogy'e okuvaamu ebibala, obumu, emirembe, obwenkanya n'eggwanga okufuna enfuga ennungi.
- 1.7 Omusomesa Tateekwa okubeera omwesimbu, atawunjawunja mu kaweeefube ow'okusomesa abantu.

2.0 EKIWANDIİKO OMUSOMESA KW'AKKIRIRIZA OMULIMO GUNO N'OKUKUUMA BUTIRIBIRI ENTEEKATEEKA ENO

- 2.1 Nze nzikirizza omulimu guno ogwokusomesa abantu.
- 2.2 Neyamye okugoberera enteekateeka n'amateeka agalimu n'aganaaba gongeddwaru akakiiko akateesiteesi. Gonna njija kugagoberera ekiseera kyonna kyennamala nga nkola omulimu guno.
- 2.3 Omulimu guno ogwokusomesa abantu nguvaako obudde bwonna bwemba nsabiddwa akakiiko akakulira emirimu gyo'kusomesa ku lwo'bulungi n'ebigendererwa by'omulimu ogwo.

EBIKWATA KU BULI MUSOMESA

Erinnya

Emyakagyo

Omulimu gw'okola

Endagiro

Ekitundu gy'onasomeseza.....

Ennaku z'omwezi

Omukonogwo

OKUKAKASIBWA KU MULIMU MU BUTONGOLE

Mw/Omuky/Dr/Rev.....

Aweereddwa n'akakasibwa ku mulimu ogw'okusomesa eby' okulonda nga
nga.....mu.....Disitulikiti

Nze abaddewo

Nkola nga

Omukono gwange

ETTEEKA LY'AKALULU K'EKIKUNGO, 1999
EBIRIMU NGA BWEBIDDIRINGANA

ENNYINGO ESOOKA

Akatundu

Ebisookerwako

1. Erinnya
2. Okutandika
3. Okuvvunula

ENNYINGO EYOKUBIRI – AKALULU K'EKIKUNGO

4. Akalulu k'ekikungo
5. Akakiiko k'eb yokulonda kavunanyizibwa ku kalulu k'ekikungo
6. Okulonda mu kalulu ak'ekikungo
7. Mu kalulu k'ekikungo obululu obwetaagisa okuwangula.
8. Akalulu k'ekikungo kaddibwamu nga wabaddewo okusibagana.
9. Okulangirira ebivudde mu kalulu k'ekikungo
10. Amateeka amalala ag'eb y'okulonda agakwata ku kalulu k'ekikungo
11. Abakkiribwa okulonda mu kalulu k'ekikungo
12. Eddembe lya bannansi mu kusaba akalulu k'ekikungo okubaawo
13. Okunoonya obululu mubalonzi
14. Amateeka agakugira okutabangula abalonzi n'ebirala

ENNYINGO EY'OKUSATU

**OKUKYUS'EKIKA KY'ENFUGA NGA TUYITA MU KALULU K'EKIKUNGO,
OKWESABIRA AKALULU KABEEWO N'EBITEESO EBIKASABA**

15. Ebika by'okulonda mukalulu k'ekikungo okukyusa ekika ky'enfuga n'akalulu k'ekikungo nga bwekiri mu katundu 74 (1) aka Ssemateeka
16. Okukyusa ekika ky'enfuga ng'enkiiko za disitulikiti zikisabye oba olw'okusalawo kwa Palimenti nga bwekiri mu katundu 74 (2) aka Ssemateeka.
17. Ekiseera ekika ky'enfuga lw'ekyusibwa nga waliwo okusaba oba okuyisa ebiteeso
18. Okukuba obululu oluvannyuma mu kika ky'enfuga ekiba kirondeedwa .

ENNYINGO EYOKUNA – BAGENTI B'ENJUUYI EZIBEERA MU NSIIKE

19. B'ejenti b'enjuuyi eziri mu nsiike
20. Enjuuyi zonna okuyisibwa kyenkanyi
21. Obuvunanyizibwa n'eddembe lya bejenti

ENNYINGO EYOKUTAANO – OKWEMULUGUNYA KU BIVUDDE MU KULONDA

22. Okwemulugunya ku bivudde mu kulonda
23. Abajulizi mu kwemulugunya
24. Okumenyawo okwemulugunya

25. Okujulira mu Kkooti Ejulirwamu

ENNYINGO EYOMUKAAGA – EBIRALA

- 26. Akalulu k'ekikungo ku kika ky'enfuga mu katundu 271 aka Ssemateeka
- 27. Okugaana obubonero obw'eddiini, eggwanga nobulala okweyambisibwa
- 28. Ensimbi ezeyambisibwa mu kalulu k'ekikungo
- 29. Okukozesa ensimbi za Gavumenti
- 30. Amateeka
- 31. Obuyinza bwa Minisita okukyusa munteekateeka
- 32. Okujjawo oba okukyusa mu tteeka (Etteeka N0. 2 erya 1994)

OMUWENDO GWENSIMBI

ETTEEKA LY'AKALULU K'EKIKUNGO, ERYA 1999 N'ENTEERKATEEKA EZIGENDERAKO Okusenziira ku katundu 74 ne 76 aka Semateeka Paliamenti eweebwa obuyinza okuyisa etteeka erissisawo akalulu k'ekikungo okusalawo ku nsonga yonna, ng'okukyusa ekika ky'enfuga. Mu katundu 74 akawaayiro 2 kawa Paliamenti obuyinza obusattulula oba obukyusa mu tteeka ly'akalulu k'ekikungo erya 1994.

ETTEEKA LYAYISIBWA BWERITI

1. ETEEKA LIYITIBWEA :- Etteeka ly'akalulu k'ekikungo n'enteeekateeka ezigenderako erya 1999.
2. ETEEKA LYATANDIKA OKUKOLA NGA 2 JULY, 1999.
3. MU TTEEKA LINO BWETWOGERA KU:-
"EJENTI" TUTEGEEZA OMUBAKA W'OLUDDA OLULI MU NSIKE.
"AKAKIIKO" TUTEGEEZA AKAKIIKO K'EBYOKULONDA AKAATEEKEBWAWO
OKUSINZIIRA MU KATUNDU 60 AKA SSEMATEEKA.

"CURRENCY POINT" TUTEGEEZA NGA BW'EKIRI MU NTEERKATEEKA YETEEKA LINO NTI YENKANA NE 20,000/=.

"MINISITA" TUBA TUTEGEEZA MINISITA AVUNANYIZIBWA KU BY'OKULONDA KWA BONNA N'OBULULU BWEKIKUNGO .

"OLUDDA" TUTEGEEZA ABANTU ABANADDAMU EKIBUUZO MU KALULU K'EKIKUNGO NTI "YEE", OBA ABANADDAMU NTI "NEDDA".

AKATUNDU AKOKUBIRI - AKALULU K'EKIKUNGO OKUTWALIRA AWAMU

4. (1) Akalulu k'ekikungo kabeerawo singa:-
 - (a) Palimenti ekola entegeka ezi sobozesa bannansi okusaba akakiiko k'ebiyokulonda okulondesa abantu bonna ab'omukitundu ekimu ku nsonga yonna (nga bwekiri mu katundu 255 aka Ssemateeka n'akawaayiro 12 ak'etteeka).
 - (b) Singa kiba kisabiddwa mu kiteeso okussaawo akalulu k'ekikungo nga bwekiri mu katundu 74 (a) oba (c) mu kawaayiro(1) era nga bwekiri mu tteeka mu kawaayiro (15) kigonderwa.
 - (c) Bwekiba nga waliwo ekyetaaga okukyusa mu Ssemateeka ng'abantu bebanesalirawo mu kalulu k'ekikungo.
 - (d) Bwekiba kyetaagisa okussa mu nkola akatundu 271 aka Ssemateeka n'akawaayiro 26 ak'etteeka.
 - (e) Bwekiba nga Minisita yeyambisizza etteeka n'asaba akalulu k'ekikungo era n'asembabwa Palimenti - kunsonga yonna.
- (2) Akalulu k'ekikungo nga kanabaawo, mu katundu kano, Minisita ensonga azikwasa Ssabalamuzi era naye alonda akakiiko k'Abalamuzi abakulu basatu nebabaga ensonga etekesezaawo akalulu k'ekikungo.

- (3) Ensonga zonna ezitekesezzaawo akalulu k'ekikungo zibagibwa bulungi mu kiwandiiko, olwo abalonzi bazikubeko akalulu.
- (4) Mu kalulu k'ekikungo ensonga eyinza okubeera emu oba ezisoba ku emu.
- (5) Obutasigalamu kakunkuna – Akakiiko k'ebiyokulonda kekalina obuvunanyizibwa okuteekateeka, okulabirira n'okulondesa – mu kalulu k'ekikungo wansi w'etteeka lino.
- (2) Akakiiko k'ebiyokulonda kaja kulangirira mu katabo ka gavumenti akalulu lwekanakubibwako n'ensonga ey'okusalawo.
- (3) Akakiiko kalina okulaba nti akalulu kabeerawo mu lunaku lumu wonna wonna mu Uganda, okujjako wekitasoboka.
- (4) Ng'akalulu ka kitundubutundu ekyo Uganda, Akakiiko kalina okulaga obulungi ensalo z'ebitundu ebyo.
- (5) Akakiiko k'ebiyokulonda kalina obuvunanyizibwa, ng'akalulu konna tekannabaawo okusooka okukasomesa abantu
- (6) (1) Ku lunaku lw'okulonda, buli akulira ekifo awalonderwa atekwa okusooka okulaga abalonzi nti akasanduuko omwokussa obululu kereere, era nabo bakakase ekyo.
- (2) Akakiiko k'ebiyokulonda kasooka kukkaanya n'abawagizi b'enjuyi zonna ez'okuvuganya, ku bubonero obwokussibwa ku bupapula obw'obululu. (Mu kalulu k'ekikungo) kino kiyamba abalonzi okumanya oludda lwebetaaga.
- (3) Obubonero obuba bukkaanyiziddwako ku njuyi zonna bulagibwa mu katabo akatongole aka Gavumenti (Gazette).
- (4) Okusuula obululu mu kalulu k'ekikungo kujja kubeera kwa kyaama nga bwekiri mu Ssemateeka. Buli kifo awalonderwa, wabeerawo akasanduuko kamu omuteekebwa obululu obw'enjuyi zonna, ezetabye mu kalulu.
- (5) Amangu ddala ng'okulonda kugaddwawo mu buli kifo awalonderwa, omukulu w'okulonda awo wennnyini, abala obululu, era abuwandiika n'ebivuddemu.
- (6) Etteeka ligamba nti ba Agenti aba buli ludda mu kalulu k'ekikungo, baddembe okubeera mu kifo awakubirwa obululu, okuviira ddala mu kukuba obululu, okububala, nokugatta omuwendo gw'obululu, era bonna bavaawo nga bamaze okumatira n'ebivuddemu.
- (7) Akulira okulonda mu buli kifo awalonderwa, neb'Agenti benjuyi zonna eziri mu nsiike (bwebabwebali) bassa emikono gyabwe kubiwandiiko era buli omu nasigazaako kopi okubeera:-
- (a) ekifo webalonedde
- (b) omuwendo g'wobululu buli luyi gwelufunye era akulira okulonda mu kiseera ekyo kyennyini alangiriri ebivudde mu kulonda eby'ekifo ekyo kyakulidde nga tanabitwa wa Returning Officer.
- (8) Etteeka mu kaawayiro 7, liraga abavunanyizibwa kukussa emikono ku kiwandiiko ekiraga ebivudde mukulonda:-
- (a) B'ejenti b'enjuyi zonna nga (bwekiri mu kawayiro 7) bassa emikono ku form ng'ebivuddemu tebinnalangirirwa,
- (b) B'ejenti oba enjuyi eziri mu nsiike bwebaba bagaanyi okussa emikono ku form, bawa ensonga ezibaganyisizza

- (1) balaga ensonga ezibaganyisizza.
 - (2) Bwebagaana okuwandiika ensonga zaabwe, omukulu w'okulonda mu kifo ekyo ye ensonga ezo aziwandiika.
 - (c) Bwekiba ng'oluyi olumu teruliwo, Agenti ataliwo, akulidde okulonda mukitundu ekyo, alaga nti oluyi olwo terukikiridwa.
 - (d) Oluuyi olumu, oba ejenti bwebagaana okujjuza empapula nga bwekiri oba okugaana okuwandiika ensonga ezibalobedde okujjuza empapula nga bwekiri mu tteeka, akawaayiro 7, tekifuula kulonda okwo kubeera kufu.
 - (e) Obutabeerawo bwabawagizi oba ejenti w'oludda lwonna mu kiseera ky'okujjuza empapula okuwandiikibwa ebivudde mu kulonda tekifuula kulonda kubeera kufu.
- 7 (1) Ssemateeka n'etteeka bikirambika bulungi nti obuwanguzi businziira ku ludda olufunye obuhulu obusinga obungi.
- 8 Bwewabulawo oludda olusinzizza obululu obw'obuwanguzi – akalulu k'ekikungo kaddibwamu.
- 9 (1) Akakiiko k'eb yokulonda ke kalina obuvunanyizibwa mu mateeka, mu saawa 48 okulangerira ebivudde mu kalulu kano, mubuwandiike, okulangerira, nokussa envumbo, kubivudde mu kalulu k'ekikungo.
- (2) Akakiiko kalangerira ebivudde mu kulonda ku mikutu gy'amawulire n'oluvannyuma bifulumizibwa mu katabo ka Gavumenti akatongole (Gazette).
 - (3) Ku bikwata ku kalulu k'ekikungo, ebyo ebifulumira mu katabo ka Gavumenti akatongole (Gazette) byebibalibwa ng'ebitongole era ebituufu mu mateeka.
10. (1) Etteeka lino litwalibwa kyekimu ng'etteeka ly'Akakiiko k'eb yokulonda erya 1997.
- (2) Okukyusa mu tteeka ly'okulonda ababaka ba Palimenti oba okussaawo eppya kijja kwetaagisa akalulu k'ekikungo.
11. (1) Abantu abakkirizibwa okukuba akalulu k'ekikungo mu tteeka lino be ba:-
- (a) Abantu ababa bewandiisizza ng'abalonzi mu kulonda kwa bonna ku lunaku akalulu lwekakubibwa.
 - (b) Akalulu k'ekikungo bwekaba nga ka kitundubutundu ekyo Uganda, abo bokka abewandiisa ng'abalonzi mu kitundu ekyo bebakkirizibwa okukuba akalulu.
12. (1) Okusinziira ku kawaayiro kano, Akakiiko kalina okutegeka akalulu k'ekikungo okugonjoola ensonga eziragiddwa mu katundu 255 aka Ssemateeka. Akalulu kayinza okuba ak'eggwanga lyonna oba ebitundu ebya Uganda.
- (2) Akalulu k'ekikungo kabaawo nga:-
 - (a) Omutuuzi eyewandiisa okulonda asabye mu buwandiike akalulu kabeewo.
 - (b) Oba okusaba okwo nga kuwagiddwa:
 - (i) Ab'eggwanga lyonna kuteekwa okuwagirwa eky'ekkumi kimu aky'abantu bonna abewandiisa ng'abalonzi mu Uganda yonna.
 - (ii) Ak'ekitundu obutundu ekyo Uganda, kuteekwa okuwagirwa kimu kya kusatu (1/3) eky'abantu bonna abewandiisa ng'abalonzi mu kitundu ekyo.
 - (3) Okusaba kuno kulina kuweerezebwa mu Kakiiko.

- (4) Okusaba okwo kuteekabwako emikono gy'abalonzi abakuwagira era balaga ensonga eyetaaga okukubako akalulu n' okulaga amateeka agayitiddwamu nga bwekiri mu kawaayiro 30 ak'etteeka.
- (5) Akakiiko k'ebby' okulonda kekenneenya oba okusaba kuno kuyise mu mitendera emituufu, oba kuvudde eri omulonzi omutuufu mu mateeka wamu nabakusembye.
- (6) Akakiiko k'ebby' okulonda kekebejja emikono gy'abasembi oba beebo abatuufu mu matteeka.
- (7) Akakiiko k'ebby' okulonda nga kamaze okumatira nti okusaba okwo kuyisiddwa mu mitendera emituufu, bagaba ebbaluwa ekakasa okusaba bwekukkiriziddwa.
- (8) Akakiiko k'ebby' okulonda kafulumya ebbaluwa eyo mu katabo ka gavumenti (Uganda Gazette) munnaku 14
- (9) Akakiiko nga kamaze okumatira nti okusaba okwo kutuufu era kugoberedde amateeka, mu nnaku 30 nga kamaze okufulumya ebbaluwa mu Uganda Gazetti, kalangirira olunaku akalulu lwekanakubibwa.
- (10) (1) Etteeka lino litwalibwa kyekimu ng'etteeka ly' Akakiiko k'ebby' okulonda erya 1997.
(2) Okukyusa mu tteeka ly' okulonda ababaka ba palimenti oba okussawo eppya kijja kwetaagisa akalulu k'ekikungo.
- (11) (1) Abantu abakirizibwa okukuba akalulu k'ekikungo mu tteeka lino be ba:-
(a) Abantu ababa bewandiisizza ng'abalonzi mu kulonda kwa bonna ku lunaku akalulu lwekakubibwa.
(b) Akalulu k'ekikungo bwekaba nga ka kitundubutundu ekya Uganda, aba bokka abewandiisa ng'abalonzi mu kitundu ekyo bebakirizibwa okukuba akalulu.
12. (1) Okusinzira ku kawaayiro kano, Akakiiko kalina okutegeka akalulu k'ekikungo okugonjoola ensonga eziragiddwa mu katundu 255 aka Ssemateeka. Akalulu kayinza okuba ak'eggwanga lyonna oba ekitundu obutundu ekya Uganda.
(2) Akalulu k'ekikungo kabawo nga:-
(a) Omutuuzze eyewandiisa okulonda asabye mu buwandiike akalulu kabeewo.
(b) Oba okusaba okwo nga kuwagiddwa:
i) Ab'eggwanga lyonna kuteekwa okuwagirwa eky'ekkumi kimu eky'abantu bonna abewandiisa ng'abalonzi mu Uganda yonna.
ii) Ak'ekitundu obutundu ekya Uganda, kuteekwa okuwagirwa kimu kya kusatu (1/3) eky'abantu bonna abewandiisa ng'abalonzi mu kitundu ekyo.
- (3) Okusaba kuno kulina kuwerezabwa mu Kakiiko.
- 13 (1) Ssemateeka n'etteeka bikiriza omuntu yenna oba abantu okutalaaga nga banoonya obuwagizi mu bantu era bateekwa okulonda akakiiko ak'okuvunaanyizibwa ku kalulu ako.
(2) Ssemateeka mu kaawaayiro (3) mu katundu 271 ku bikwaata ku kalulu k'ekikungo, abantu bagwa mu biti bisatu oby'enfuga. Oludda olw'ebibiina, olw'omugendo no ludda olulala oluyinza okutondebwawo.
(3) Mu biti eby'enfuga ebyogeddwaako mu katundu aka waggulu, buli ludda luteekwa okulonda akakiiko ak'okuvunaanyizibwa ku nsonga y'akalulu k'ekikungo – buli kamu

nga kakubeerako bammemba abatasuukka abiri, era amannya ago gawerezebwa mu kakiiko k'ebiyokulonda, mu nnaku akakiiko zekasazeewo.

- (4) Akakiiko k'akalulu k'ekikungo – kalina obuvunnaanyizibwa okunoonyeza buli kamu oludda lwako obululu, n'okulonda bejenti okukayambako okunoonya obululu ne mu by'okulonda.
 - (5) Akakiiko k'akatulu k'ekikungo kekanateekerateekera oludda lwako kawefube ow'okunoonya obululu okutuusa akalulu lwekanaggwa.
 - (6) Ssemateeka awa omuntu yenna oba ekibinja kyonna eddembe okwenyonnyolako n'okufuna okumanyisibwa ebikwata ku kalulu k'ekikungo.
 - (7) Akakiiko k'ebiyokulonda kakukola enteekateeka ez'enkunngaana enjuyi mwezinyogerera eri abantu nga zinoonya obululu.
 - (8) Omuntu ssekinomu oba abalala awamu ku ludda lwonna olunoonya obululu mu kifo kyonna, nga betaaga okwogera eri abantu, bateekwa okusooka okutegezaako mu buwandiike omwami ow'eggombolola, n'akulira Polisi etwaala ekitundu ekyo, ng'ebula assaawa nsanvu mubbiri olukunngaana olwo lubeerewo.
 - (9) Omuntu ssekinnoomu oba abali awamu abogeddwaako mu katundu ako waggulu (9) nga balubirira okutuukiriza enteekateeka yabwe eyogeddwaako, balina okutangaaza Omwami Owaggombolola oba Officer wa Police singa baba balina kyebetaaga okunyonnyoka ku by'enkunngaana zebetaaga.
 - (10) Okuperereza obululu kukomekkerezebwa ng'ebula essaawa 24 olunaku ol'wokukuba akalulu lutuuke.
 - (11) Oyo yenna atagondera ebiragiddwa mu kawaayiro (8), (9) ne (10) aba azzizza omusango. Bwegumusinga atanzibwa emitwalo 50 oba okusibwa emyezi egitasukka 3 oba okugatta byombi.
14. (1) Tewali muntu anoonya bululu akkirizibwa okweyambisa olulimi oluvuma, olusasamaza oba okutabangula abantu n'okuleeta obukyaayi n'ebikolwa eby'obukambwe.
- (2) Omuntu yenna amenya etteeka eryo mu kawaayiro (1), aba azzizza omusango, era atanzibwa omutango gwa shs. 3,000,000/= (shs. Obukadde busatu) oba okusibwa emyaka egitasukka ebiri oba okugattika byombi.

EKITUNDU EKY'OKUSATU

OKUKYUSA EKIKA KY'ENFUGA NG'OYITA MU KALULU K'EKIKUNGO, OBA OKUKISABA, OBA OKUYITA MU BITEESO.

15. (1) Nga bwekiragiddwa mu lunyiriri (a) olusooka, mu kawaayiro (1) mu katundu 74 aka Ssemateeka; Omuwandiisi wa Palimenti, mu nnaku musanvu ng'olukiiko lumaze okuyisa akiteeso ekyo, awandiikira akakiiko k'ebiyokulonda, era n'akawa kkopi y'ekiteeso gy'amaze okukasa era eyawagirwa bammemba ba Palimenti abasoba mu masekkati nga bwekiri mu Ssemateeka – akatundu 74 akawaayiro (1).
- (2) Bwekiba ng'ekiteeso kino kyasembewwa enkiiko za disitulikiti, nga buli disitulikiti yayisa ekiteeso nga bwekiri mu lunyiriri (b) mu kawaayiro (1) mu katundu ka ssemateeka aka 74, ekiteeso nga kisemba wabeewo akalulu k'ekikungo, era ekiteeso ekyo kiwerezebwa eri akakiiko k'ebiy'okulonda nga bwekiri mu mateeka. Omuwendo gw'ababaka mu lukiiko abaawagira n'abataawagira kiteeso ekyo gulina okulagibwa. Ekiteeso ekyo kiteekebwaako omukono gwa Sipiika w'olukiiko, akukakasiza ddala nti byonna bituufu.
- (3) Akakiiko k'ebiyokulonda, nga kafunye ekiteeso nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu tteeka lino, ng'ekiteeso kisaba akalulu k'ekikungo - nga bwekiri mu lunyiriri (b) akawaayiro (1) mu katundu 74 aka Ssemateeka – akakiiko kasengejja bulungi ensonga ezireeteddwa era kakakasa ensonga ezo okusinziira ku mateeka nga bwegali, oba ekiteeso kyayisibwa era ne kikakasibwa mu mateeka nga bwekiragirwa mu lunyiriri (b) akawaayiro (1) mu katundu 74 aka Ssemateeka, era ng'ekiteeso kyafuna obuwangizi obumala okukakasa nti:-
- (a) okusaba kwayisibwa mu kiteeso okussawo akalulu k'ekikungo okusobola okukyusa enfuga, era
 - (b) ekiteeso kyasembewwa ababaka abasinga obungi ab'enkiiko za Disitulikiti ezisukka ku kimu kyakubiri ekyo disitulikiti eziri mu Uganda.
 - 4) Akakiiko, nga kafunye okusaba okuteekawo akalulu k'ekikungo nga bwekiri mu lunyiriri
 - (c) akawaayiro (1) akatundu 74 aka Ssemateeka, kakakasa mu nnaku 14 oba ebyetaagisa mu tteeka bigobereddwa.
5. (5) Akakiiko k'ebiy'okulonda mu nnaku amakumi asatu nga kamaze okufuna
- (a) Ekiteeso okuva Palimenti, nga bwekiri mu kawaayiro (1) ak'etteeka, oba
 - (b) Okukasasa mu buwandiike nga bwekiri mu kawaayiro (3) ak'etteeka lino, nti ekiteeso kyayita mu mitendera egyetaagibwa mu tteeka mu lunyiriri (b) akawaayiro (1) mu katundu 74 aka Ssematteeka, oba
 - (c) Akakiiko okukakasa mu buwandiike nga bwekyetaagisa mu kawaayiro (4) mu tteeka lino, okutuukiriza etteeka nga bweriri mu Ssemateeka akanyiriri (c) akawaayiro (1) mu katundu 74 nti emitendera gyonna gyatuukirizibwa. Akakiiko k'ebiyokulonda nga kamatidde bulungi nti emitendera ekiteeso mwekyayita mituufu, keyambisa akawaayiro 5 ak'etteeka lino ne kalangirira olunaku olwokukubirako akalulu k'ekikungo.
- (6) Sipiika w'olukiiko lwa Disitulikiti yenna, singa mu bugenderevu awa amawulire ag'obulimba mu tteeka lino aba azzizza omusango.

- (7) Sipiika w'olukiiko lwa Disitulikiti yenna, singa akwasibwa obuvunaanyizibwa okutuusa obulungi amawulire gonna, wabulu ye mu bugenderevu ebimu n'abibuuka aba azzizza omusango.
 - (8) Singa omuntu yenna azza omusango mu tteeka lino mu katundu kano, bwegumusinga awa engassi ya shs. Emitwalo ana – shs. 400,000/= oba okusibwa mu kkomera emyezi agitasukka ena.
- 16.
- (1) Bwewabaawo okusaba oba ekiteeso okuva mu buli lukiiko lwa Disitulikiti nga kisaba Palimenti okuwagira okusaba kwabwe wabeewo okukyuusa mu nfuga nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu katundu 74 aka Ssemateeka, Sipiika akakasa ng'ekiteeso ekyo n'okusaba okwo biyise mu mitendera emituufu era naye abiweereza eri Akakiiko k'eby'okulonda. Ekyo akikola ng'amaze kwekenneenya omuwendo gw'ababaka mu lukiiko lwa disitulikiti, n'amannya gaabwe, abo abaayisa ekiteeso ekyo, awamu n'omuwendo gw'abo abataakisemba.
 - (2) Akakiiko k'eby'okulonda oluvannyuma lw'okufuna okusaba okwo, kekebejja n'okusengejja obulungi emitendera mwekuyise oba nga byebituufu mu mateeka nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu katundu 74 aka Ssemateeka.
 - (3) Akakiiko k'eby'okulonda, oluvannyuma lw'okumatira nti okusaba kwayita mu masa amatuufu, nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu katundu 74 aka Ssemateeka, kawa obukakafu obwo eri Omuwandiisi wa Palimenti nti waliwo okusaba akalulu k'ekikungo, era kukoleddwa mu mateeka era ne kuwagirwa bammemba bibiri byakusatu mu buli lukiiko lwa disitulikiti ate era nga nazo zisoba mu kimu kyakubiri ekya disitulikiti zonna eziri mu ggwanga.
 - (4) Palimenti bw'eyisa ekiteeso ekiwagira okusaba nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu katundu 74 aka Ssemateeka, Omuwandiisi wa Palimenti, talonzalonza, ekisaliddwawo Palimenti akiwerezza eri akakiiko k'eby'okulonda ng'akakasa nti omuwendo gw'ababaka ba Palimenti ogutakka wansi webitundu bibiri byakusatu baakiwagira.
 - (5) Akakiiko k'eby'okulonda, oluvannyuma lw'okufuna ebyasalibwawo Palimenti nga bwekiragiddwa mulunyiriri (4) mu katundu kano, kaweebwa essaawa abiri mu nnya okufulumya amawulire ago mu bantu, era mu nnaku kkumi nannya kabifulumya mu katabo ka Gavumenti akatongole – Gazette.
 - (6) Sipiika w'olukiiko lwa disitulikiti, bwekamutanda n'afulumya mu bugenderevu ebikyaamu ku nsonga eno, aba azzizza omusango.
 - (7) Sipiika w'olukiiko lwa disitulikiti bwekamutanda mu bugenderevu n'abaako byaleka emabega natabissa mu lipootaye, ogwo nagwo guba musango.
 - (8) Omuntu yenna amenya amateeka mu katundu kano aba azzizza omusango, era atanzibwa omutango gwa shillings emitwalo ana oba okusibwa emyezi egitasukka ena oba okugattirwa ebibonerezo byombi.
 - (9) Kisoboka, bwekiba kyetaagisa, okukyusa mu tteeka ly'akalulu k'ekikungo, mu kugenderera okukyusa ekika ky'enfuga.
 - (10) Ekiteeso ekinaleetebwa mu lukiiko lwa disitulikiti okukikakasa, kibagibwa Abalamuzi basatu abalondebwa Ssabalamuzi.

17. Ebiteeso oba okusaba wabeewo okukyusa mu kika ky' enfuga nga bwekiri mu katundu 74 aka Ssemateeka byakubaawo mu mwaka ogwokuna mu kisanja kya Palimenti.
18. (1) Akalulu k'ekikungo nga kakubiddwa munteekateeka ey'Etteeka lino, oba Palimenti eyisizza ekiteeso kibe nga bwekiri mu kawaayiro (2) mu katundu aka 74 aka Ssemateeka, ekyo kiba kisazeewo eggoye ku kika ky' enfuga ekinagobererwa, n'olwekyo okulonda kwonna okuddirira kukolerwa mu kika ky' enfuga eba esaliddwawo abantu.
- (2) Kino kyetegereze: Bino biba tebikwaata ku kulonda okuddibwamu ng'ekisanja Palimenti tekinnaggwaako nga bwekiri mu Ssemateeka akatundu 77.

ENNYINGO EYOKULONDA – BEJENTI ABENJUUYI EZINETABA MU KALULU K'EKIKUNGO.

19. Mu kalulu k'ekikungo buli ludda olw'okwenyigira mu kuvuganya, lulonda bejenti baabwe ng' Akakiiko k'eb'okulonda bwekanabanga kasazewo. Babeere mu buli kifo awokulondera olwemirimu gyebalina nga bwekiri mu kawaayiro (4) akatundu 68 aka Ssemateeka.
20. Mu kiseera eky'okunoonya obululu mu balonzi mu kalulu k'ekikungo, abakozi ba Gavumenti n'ebitongole bya Gavumenti byakuyisa kyenkanyi bejenti bonna ku njuyi ez'okuvuganya mu kalulu k'ekikungo.
21. (1) Bejenti b'enjuyi zonna ez'okuvuganya mu kalulu k'ekikungo bakuyisibwa kyenkanyi n'okuweebwa emikisa egyenkanankana mu kweyambisa emikutu gya Gavumenti egyamawulire.
- (2) Bejenti, Ssekinnoomu, oba bonna awamu okuva ku njuyi zonna eziri mu nsiike, ba ddembe okufulumya obutabo, obupapula, ebipande, empapula z'amawulire, okubayamba mu kunoonya abolulu mu balonzi kyokka bateekwa okulaga enjawulo eri wakati w'enjuyi zaabwe.
- (3) Tewali akkirizibwa, mu kiseera ekyokunoonya obululu, okukubisa mu kyapa, okufulunya, oba okuwandiika kuby'akalulu k'ekikungo, mu mpapula z'amawulire, mu bbaluwa, ku bupapula – okujjako ngabifulumya alaze bulungi wansi w'ekiwandikokye, amannyage, n'endagiriroye.
- (4) Amateeka gakkiriza ejenti yenna okweyamibisa emikutu gy'empuliziganya nga ladiyo ne terevizoni okuperereza obululu.
- (5) Tewali akkirizibwa kweyambisa mikutu gya mpuliziganya kukola bintu bino ku ludda lw'avuganya nalwo:-
 - (a) okwogera eby'obulimba oba okumala gamokkola bigambo.
 - (b) okuwaayiriza.
 - (c) okuvuma n'okujerega
 - (d) okwogera ebigererera okusosola mu bantu
 - (e) okusavuwaza oba okukuba obufaananyi (bukalibunyaga) bwa ejenti omulala.
 - (f) okweyambisa ebigambo ebigererera okusiiga ejenti oba oludda olulala enziro.
 - (g) okufuulafuula n'okugingirira ebigambo by'oludda olulala.
 - (h) okweyambisa ennyimba, ebitontome oba ekintu kyonna ekirala okuyeeya oludda olulala.

- (6) Bannannyini ladiyo tebakkirizibwa kuwa mwagaanya oba okufulumizaako ebyo ebiganiddwa mu katundu (5) ako waggulu.
- (7) Omuntu yenna an'akwatibwa mu tteeka ng'amenye akatundu (2), (3), (5) ne (6) aba azzizza omusango:-
 - (a) yenna amenye etteeka mu katundu (2) oba (3) – omutango shillings emitwalo asatu shs. 300,000/= oba okusibwa mu kkomera emyezi egitasuka esatu oba okugatta byombi.
 - (b) Emisango emirala egisigaddewo, omutango shillings emitwalo ataano, shs. 500,000/= oba okuggalirwa mu kkomera emyezi egitasukka mukaaga.
- (8) Emikutu gy'empuliziganya egyogerwako – Television, Radio, Internet, e-mail n'emirala.

ENNYINGO EYOKUTAANO – OKWEMULUGUNYA KU KALULU K'EKIKUNGO

22. (1) Omulonzi yenna ng'awagirwa abalonzi abatuufu abataka wansi w'ababiri w'ekyataano kimu eky'abalonzi bonna abewandiisa mu ggwanga wa ddembe okuwaayo okwemulugunya kwe ku kalulu k'ekikungo mu Kkooti Enkulu.
- (2) Akalulu k'ekikungo bwekaba kakwata ku kitundu butundu eky'eggwanga, okwemulugunya kuteekwa kuwa wa mulonzi ow'ekitundu ekyo, ng'alina abawagizi ab'okumuteerako emikono abatakka wansi w'ababiri ku buli kikumi okw'abalonzi bonna abewandiisiriza mu kitundu ekyo.
- (3) Omutendera omulala okwemulugunya ku kalulu k'ekikungo wekukolerwa bwewaba waliwo etteeka lino weritagobererwa ababaka bolukiiko lw'eggwanga Parliamentary Elections (Interim Provisions) Statute 1996.
- (4) Obutabaamu kankunkuna, akalulu k'ekikungo kayinza okusazibwamu singa ayemulugunya amatiza kkooti nti:
 - (a) etteeka ery'okulonda ababaka ba Palimenti n'enteekateeka ezigenderako erya 1996 teryagobereddwa.
 - (b) akakiiko mu butanwa kaalangiridde oludda olufunye obululu obutono ng'oluwangudde.
- (5) Okwemulugunya nga kukoledwa nga bwekiragiddwa mu kawaayiro (1) kutwaalibwa mu Kkooti enkulu mu nnaku asatu (30) ng'ebyava mu kukuba akalulu k'ekikungo nga bimaze okulangirirwa mu katabo ka Gavumenti.
- (6) High Court eyinza okusaba eyemulugunya asasule empaabi ya bukadde bubiri (shs. 2,000,000/=), singa walibaawo engassi mu musango guno:
- (7) High Court esooka okwekebejja okwemulugunya era erangirira by'ezudde mu nnaku asatu okuva ku lunaku okwemulugunya lwekwatekebwayo.
- (8) Bwewaba tewaliiwo kwemulugunya kwona mu nnaku ez'ogeddwaako mu kawaayiro (5), oba okwemulugunya okwaali kusoosa okuleetebwa, wabula oluvannyuma nekukenyebwawo yennyini eyakuteekayo, oba okwagobwa obugobwa mu Kkooti enkulu ekyo kitegeeza nti ebyaava mu kulonda okw'akalulu k'ekikungo ebyalangirirwa byebibalibwa nti bituufu.
- (9) Kkooti enkulu ng'emaze okubuliriza kwayo nga bwekiragiddwa mu katundu kano:
 - (a) Eyinza okugoba okwemulugunya
 - (b) Esalawo, oba ebyaava mu kulonda ebyalangirirwa bikyaamu, yo n'erangirira ebituufu.
 - (c) Eragira akakiiko k'ebyokulonda okulonda kuddibwemu mu kitundu oba mu bitundu.

- (d) Ebyaava mukulonda nga bisaziddwamu Court Enkulu eragira akalulu k'ekikungo kaddibwemu.
- (10) Okusaza mu byavudde mu kalulu k'ekikungo nga bwekirambikiddwa mu kawaayiro (4) obuyinza buli mu kawaayiro (3) mu tteeka lino.
- (11) Kkooti enkulu nga tenasalawo kya nkomerero nga bwekirambikiddwa mu kawaayiro (7) eragira okubala obululu kusooka okuddibwamu.
- (12) Kkooti enkulu ng'ewulira okwemulugunya mu kawaayiro kano, terina buyinza kusingisa muntu musango nakumuwa kibonerezo.
- (13) Kkooti enkulu bw'eba efunye obujulizi nti waliwo eyamenya amateeka mu kawaayiro kano, ekola alipota n'egiwereza eri omukulu omuwaabi w'emisango (DPP) abeeko kyakola. Era kkoti emuwereza erinnya ly'oyo eyaguzza, omusango gweyazza n'obujulizi obulala obuyinza okuyamba omuwaabi w'emisango.
- (14) Bwekiba kisaliddwawo nti akalulu k'ekikungo kasaziddwamu, kaweebwa ennaku kyenda okuva ku lunaku lwekasazibwamu okukaddamu.
- (15) Ssabalamuzi ne munnamateeka wa Gavumenti bebabaga amateeka agagobererwa mu kuwulira okwemulugunya nga bagesiganya ku tteeka ly'akalulu k'ekikungo, oba amateeka amalala kagabe nga galongoseddwamu oba nedda.
- 23 (1) Mu kuwulira okwemulugunya ku bivudde mu kulonda:-
- (a) Omujulizi yenna ayitibwa, era asooka kulayira ng'omujulizi omulala bulijjo bwaakola.
- (b) Kkooti erina obuyinza okuyita omuntu yenna, gw'erowooza nti ayinza okugiyamba okutuuka ku mazima, n'okusalawo okituufu.
- (c) Bannyini kwemulugunya baddembe okubaako byebabuuza omuntu yenna Kkooti gw'eyise, okugitangaaza.
- (2) Kkooti ng'ewulira okwemulugunya, omujulizi yenna awa obujulizi ng'amanyidde ddala nti bwa bulimba oba n'akikola mu bulagajjavu aba azzizza musango, atanzibwa akakadde kamu mwemitwalo abiri, oba okumusiba obutasukka mwaka mu kkomera, oba okugattika byombi.
24. (1) Okwemulugunya mu katundu kano, kuyinza okumenyebwawo mu buwandiike eri Kkoti, n'eri enjuyi zonna ezasimbibwa mu mbuga,
- (2) Okwemulugunya nga kumenyeddwawo, eyawaaba atekwa okusasulira byonna ebisasaanyiziddwa oluyi oluwawaabirwa.
25. (1) Omuntu nga tamatidde ebisaliddwawo kkooti enkulu mu kawaayiro 22, waddembe okujulira mu kooti Ejulirwamu – mu nnaku kkumi nannya okuva ku lunaku Kkooti Enkulu lw'eyasalawo ebyaayo.
- (2) Kkooti ejulirwamu eyingira mukwemulugunya okugireeteddwa mangu ddala, esobola okussa ku bbali by'eba ekolako.
- (3) Kkooti ejulirwamu ewulira era n'emaliriza okwemulugunya okugireeteddwa mu nnaku asatu, eyinza okweyongezamu ennaku bwekiba kizuuliddwa nti kyetaagisa.
- (4) Ekisaalibwawo kkooti ejulirwamu kyekisembayo mu katundu kano.

26. (1) Akakiiko k'ebiyokulonda, okutukiriza ebiri mu kawaayiro 3 akatundu 271 aka Ssematteeka kakulangirira olunaku mu katabo akatongole aka Gavumenti (Gazette) kalonde olunaku lumu olugwa wakati June 3 ne July 2 mu mwaka 2000, lweruba lubeera olunaakubirwako akalulu k'ekikungo, bannansi kwebanesalirawo ekika ky'obufuzi kyebaagala.
- (2) Mukiwandiiko ekirangirira olunaku lw'okukubirako akalulu k'ekikungo, kubeerako n'ensonga ezinyonyola ekiteekesezaawo akalulu ako.
- (3) Akakiiko k'ebiyokulonda kateekateeka akalulu k'ekikungo ng'okulonda kwakubeera kwa lunaku lumu mu ggwanga, okujjako nga waliwo ensonga enkulu etakisobozesa kuba kityo, nga kitegeeza nti akalulu kaakukubibwa mu nnaku ezenjawulo ne mu bifo ebyenjawulo.
- (4) Okuva nga 2 July 1999 omuntu yenna waddembe okunoonya obuwagizi, ku kika ky'obufuzi kyayagala okuyisaamu mu kalulu k'ekikungo.
27. (1) Tewali muntu anakirizibwa okunoonya obululu mu bantu, olwobuwagizi ku kalulu k'ekikungo singa anaaba yeyambisa ebighambo, enjogera, oba obubonero obugenderera okwawulayawula mu bantu olw'ekikula kyabwe, eggwanga, eddiini, langi, obuzaalebwe oba engeri endala yonna ereeta okwawulayawula mu bantu.
- (2) Omuntu ng'amenye etteeka mu kawaayiro (1), oba azzizza omusango nga gumusinze atanzibwa siringi obukadde bubiri (2,000,000/=) oba okusibwa omwaka gumu oba okugatta byombi.
28. (1) Palimenti y'eyisa omutemwa gw'ensibi akakiiko k'ebiy'okulonda kezeyambisa mu nteekateeka y'akalulu k'ekikungo.
- (2) Akakiiko k'ebiyokulonda okusinzira kumutemwa gw'ensimbi Palimenti z'ekawa, nako kawa kyenkanyi enjuyi zonna eziri mu nsike okweyambisa mu by'akalulu k'ekikungo.
29. Mukunoonya obululu mubantu, enjuuyi zonna eziri mu nsike teri lukkirizibwa kweyambisa bintu bya Gavumenti, okujjako ebyo byokka ebiiyisibwa Palimenti nga bwekiri mukawaayiro 28.
30. (1) Minisita ng'akiriziddwa Palimenti – ayinza okussaawo amateeka olwokwongera amaanyi oba okulongoosa mu tteeka lino.
- (2) Awatali kukontana na tteeka nga bwekiri mu kawaayiro (1) mu katundu kano, amateeka amalala gayinza okukoleka wansi walino:
- (a) Okunyonnyola amakubo aganyitibwamu okunyonnyola etteeka lino.
- (b) Okukakasa nti ddala akalulu ka kukubibwa mu kyaama.
- (c) Bwewabaawo oba tewaaabe bikyusibwamu oba okulongoosa mu tteeka ly'ebiy'okulonda, nga mu otwalidde n'okumenya amateeka geby'okulonda.
- (d) Mukussaawo enkola ennunngamu enogobererwa mu kunoonya obululu n'obuwagizi
- (e) Enkola enogobererwa enjuyi zonna ezinabeera mu nsike ziweebwe ensimbi olw'okwenyigira mukalulu k'ekikungo n'okussaawo emiziziko egy'okutangira ensimbi okuva ebweru w'eggwanga okuwagira oluuyi n'okulugabirira ensimbi z'akalulu.
- (f) Nga titwerabidde nti etteeka ly'okulonda ababaka ba Palimenti erya 1996 liwa ekibonerezo kya

mutango gwa bukadde bubiri mu emitwalo nkaaga oba emyaka ebiri mu kkomera oba kugatta byombi, eri omuntu aba amenye etteeka mu katundu (e).

- (3) Amatteeka gano gayinza okweyambisibwa mu kulonda kwa bonna, oba mukalulu k'ekikungo konna akaba kategekebbwa.
- (4) Awatali kubuusabuusa tewali mateeka gonna mu kawaayiro kano agajja okukontana nobuyinza bw'akakiiko k'eby'okulonda nga bwekiri mu tteeka ly'eby'okulonda erya 1997.

- 31. Minisita avunanyizibwa ku by'okulonda ng'ayita mu tteeka ayinza okukyuusa mu nteekateeka y'eby'okulonda kyokka Palimenti eteekwa okusemba enteekateekaze.
- 32. Etteeka ly'akalulu k'ekikungo erya 1994, mu mateeka likkirizibwa okubaako ekirongosebwamu.

ENTEKATEEKA OMUWENDO GW'ENSIMBI

Akattundu Akokubiri

Currency Point yankanankana ne shillings emitwalo ebiri.

